# Ebigenda Bibaawo Nga Obunabbi Bwabirambulula

San Bernardino, California, USA
Desemba 06, 1965

1 Leka tukoteke emitwe gyaffe. Kitaffe omwagalwa ow'omu Ggulu, tukwebaza Ggwe ekiro kya leero olw'okuba Otwanukula essaala. Omukazi ono omunaku agalamidde awo, awo okulongoosebwa we kulemeredde. Wabula, Ayi Katonda, tujjukira okulongoosa okwasookera ddala okwali kukoleddwa ku nsi, Ggwe Mwennyini Wakwekolera. Waggya ku ludda lwa Adamu, olubiriizi, n'obikka awo w'osaze, n'omukolera omukyala. Ayi Kitaffe, nsaba ekiro kya leero nti omukono Gwo gujja kukka wansi kaakano era gujja kukola ekintu kino eky'amaanyi kye tusaba. Ne bano abalala, Mukama, omukazi ono abonaabona olw'okunyigirizibwa mu bwongo, n'abalala abalina eby'okusabira, bonna tubateeka gy'Oli, Kitaffe, n'emitima gyaffe gyonna. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Mu butuufu ddala mukisa okubeera wano akawungeezi kano n'okutunula ku kibiina kino ekirungi. N'okuyimba okulungi, kkwaya ey'ekitalo. Nnabadde ndowooza enjawulo, okulaba abo abalenzi abo nga bayimiridde awo ne… bannaffe abalabika nga bayonjo, abasaze enviiri ennungi. Nnabadde ndowooza, ekiro ekyayise, ku-ku kifo gye mbeera; ekibinja ky'abakozi b'ebikolobero bazze emmanga eyo ne bagezaako okubbizza omulenzi mu kidiba ekiwugirwamu; baabadde balina okubaako kye bayita ne babagobayo eyo. Nga kya njawulo, okulaba abaana nga bayimiridde, nga bayimba ennyimba z'Enjiri; nga kya njawulo.

2 Nga ndowooza, nga Ow'oluganda Henry bwe yagambye awo nti, "abasajja abo abalina enviiri ng'ezo abakazi ze bateekeddwa okuba nazo," mulaba, Ekyo-ekyo-ekyo kituufu. Kirabika nga e…Ndaba abalenzi abo nga bakigezaako, nga balina enviiri ezo, baziteekamu ne buno obuntu obukwata amayengo, okwetooloola obwenyi bwabwe. Era simanyi,nze…ebiseera ebimu nzigwamu amaanyi. Kirabika nga kye-ky'ekiseera ekituufu eky'okuwabisibwa. Abasajja bagezaako okwambala engoye z'abakazi, n'abakazi bambala engoye z'abasajja. N'abasajja enviiri zaabwe nga bazireka okuba ng'ez'abakazi, n'abakazi nga balina enviiri ng'abasajja. Buzibu ki obuli ku bantu bano, mu buli ngeri? Mazima ddala, obunigguusa bw'empisa n'ekitiibwa bwabulidde eggwanga lino n'abantu, ensi yonna?

Kino kiseera kya kabi, naye ate ky'ekiseera ekisingayo okubeera eky'ekitiibwa mu nsi, okubuulira Enjiri. Singa nnaasobola okuyimirira awo obulindaala nga tekinnabaawo, ne Kitaffe bwe Yandintunuulidde, n'Abuuza nti, "Kiseera ki okuyita mu mirembe gino kye wandyagadde okubuuliramu? Nnandikyagadde kati, kaakano., ng'Okujja Kwe tekunnaba.

3 Nga ntunuulidde ekibiina, mu maaso gaffe wano watudde…Omuweereza mukwano gwange, mu Tucson jjo, yabadde avuga embalaasi. (Nga ndowooza ku musajja ono…omukazi ono ne ka disiki mu mugongo gwe.) Embalaasi yamusudde. Omusajja omulala yankubidde ku ssaawa musanvu amakya gano, ku kisulo kyange aky'abagenyi, n'agamba nti, "Omusajja ono ali ku ddwaliwo ly'aba Kaawonawo, n'amaaso ge gaayimbadde, omugongo gwe gwabententeddwa, ensigo ze nga zivuddeyo, n'omutima gwe nga gunaatera okulemererwa." Era awo nnasse wansi ku ttaka, ku maviivi gange; ne nkuba essimu, ne mmufuna ye ng'ali ku ludda olulala, ne mmusabira. Era atudde wano ekiro kya leero, atudde wano wennyini. Ekyo kyabadde kiro kya jjo. Bob, osobola okuyimirirako awo? Wuuyo awo omusajja, awo wennyini. [Ekibiina kireekaana -Omuk.] Katonda Ayanukula essaala, kumakya, ekiro, mu ttuntu, mu ttumbi, oba ekiseera kyonna.

4 Kaakati, nze-nze ndi mubulizi alandagga ennyo ddala, nga bwe bakiyita. Nkyawamu kko okutandika obudde buno obw'ekiro, era-era nnalowoozezza nja kumala gajja. Ekiro kya luli, lwaki, twabadde twogera twogerera wano mu kifo ekimu, era e…eddakiika kkumi na ttaano nga nneeyongedde mu maaso, abantu baababadde balondawo ebintu nga bwe bampenyako nti, "Bite! Sirika, olina okuva wano," nga bafuweeta sigala, nga bwe bagenda mu maaso. Teyabadde nsobi y'aba nnanyini mukolo, yabadde y'abo be twakipangisizzaako. Era mu-mukyala wa ssentebe ye yagenze n'abuulira kalabaalaba, nti…

N'agamba nti, "Kale, oteekeddwa okuba ng'ovudde wano ku ssaawa ssatu n'ekitundu."

N'agamba nti, "Ekyo tewakitadde mu ndagaano."

Omukyala ono, akawungeezi ka leero azze wano (mukyala mulungi) era n'agamba nti, "Twakitegedde nti okyagala," n'agamba nti "kitwale bw'oba ng'okyagala." Kale ekyo kyabadde kirungi nnyo. Kale nneebaza nnyo ku lw'ekyo. Ekyo kirungi nnyo.

5 Ow'oluganda Henry, mazima ddala nsiima ekisa kyo eky'okunnyaniriza wano, mu lukuŋŋaana eno.

Nnabadde n'omukisa akawungeezi ka jjo okubeerako wansi wano ku Assemblies of God awo we nzikiriza ng'Ow'oluganda Boone ye musumba. Twabadde n'akaseera akasuffu wansi eyo n'ekibinja ky'abantu ekyo. Era enkya ekiro tulinako we tugenda wano, simanyi wa, era lukuŋŋaana lulala. Ekyo bakifaako; Nsaba busabi, nga nsoma, n'okweyongerayo, ky'ekyo kye nsobola okwekuumirako.

6 Wabula, kaakati, tulaba ebintu ebitali bya bulijjo mu lunaku luno. Kaakati nzijukidde omulundi ogwasembayo lwe nnali wano, kyali mu lukuŋŋaana lw'omu nsiisira. Nzijukira okukyogerako ekiro ekyayise,

ku bafumbo abaaleeta omwana waabwe omufu. Alina w'ali awantu awamu wano, baavuga emisana wonna n'ekiro. Maama ng'atudde, nga munakuwavu, ng'akutte omwana oyo omuto mu mikono gye. Kaakati, ayinza okuba ng'atudde wano wennyini kaakano, nga bwe mmanyi. Era ye…omwami we, abafumbo ddala, era baali…Era omukazi n'agamba…yambuuza oba nga nsobola okugendayo (omusajja ye yansaba) eri emmotoka. Ne nfulumyayo omwana omuto era nga nkutte omuto nga mufu, akakakanyadde, nga kannyogoga; era ne ntandika okusaba. Bwe nnasaba, omubiri ogwo ne gutandika okuwulikikanga okugutandiikiriza okubuguma. Kale ne…Ne nneeyongera okusaba. N'atandika okusamba n'okutambula, nga bwe yeeyongerayo, kale nze…n'atandika okukaaba. Ne mmuddiza maama we, n'adda eka naye. Kale, bayinza okuba n'okubeera tebaali Bakristaayo, nga bwe mmanyi. Mulaba? Ekyo kyali kyakitalo.

7 Wabula kye ndowoozaako, akawungeezi ka leero, mmanyi ekkanisa nga nayo efa, be bantu baffe Abapentekoote. Tulina okwekunkumulako kino, uh-huh, ky'ekyo. Era engeri yokka gy'ogenda okukikolamu y'essaala n'okusimbira ddala n'Ekigambo kya Katonda. Y'engeri yokka gye tugenda okukikolamu. Waliwo engeri emu yokka ekufulumya, Ye ly'Ekkubo eryo, Yesu Kristo y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Twandyagadde ekkanisa yaffe etuuke mu mbeera nga bwe yagamba eyo, nga mu Bungereza? Eyo y'ensonga lwaki mbadde, nga bwe mulowooza, mbadde mukambwe nnyo, nga mbaboggolera. Era sitegeeza kukikola ekyo, wabula ssaagala kulaba kkanisa ng'entuuka mu kikula ekyo. Temwagala kubeera mu kikula ekyo. Mu-mulina kukikkatira ddala nnyo okutuusa nga mukikomeredde ne mukinyweza. Kirina okukolebwa.

Kale n'olwekyo, ekiro kya leero, nnina…Ebyawandiikibwa ebimu n'omutwe wano gwe njagala okwogerako okumala akaseera. Sigenda kugamba nedda ekiseera ekimu. Mukooye, lwaki… nnyinza okubeera nga mmalirizza mu ddakiika amakumi asatu, era kisinziira ku…bulijjo nkirekera Mwoyo Mutukuvu, mu ngeri yonna gy'Ankulemberamu.

8 Ka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera akawerako, twogere eri Nnannyini nga tetunnabikkula Kitabo Kye.

Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, Nnannyini Kitabo kino, okuyita mu Yesu Kristo tusaba. Twebaza olw'ekyo kye tuwulidde ekiro kya leero. Bwe tuba ng'olukuŋŋaana luno tuteekeddwa okulusoosowaza nga tugamba nti, “Amiina,” ne tugenda eka, kyabadde kirungi okubeera wano, kuba tukimanyi nti Obadde naffe. Era, Kitaffe, nga bwe tubikkula Ekigambo kino, kaakano yogera gye tuli butereevu okuva mu Kigambo kino, tusobole okumanya essaawa gye tulimu. Bwe tumanya essaawa gye tulimu, awo tusobola okweteekateekera essaawa eyo; wabula bwe tugenda mu buzibe nga tetumanyi kiki oba wa, olwo tuba tetumanyi ngeri yaakweteekateekamu. Kale Kitaffe, tusaba ng'Ojja kutuganya okulaba Eryato awo, n'Oluggi, nga lugguddwa, n'Obubaka nga butuyita okuyingira. Kituwe okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

9 Mu Byawandiikibwa Ebitukuvu, njagala okusoma omutwe wano, ogusangibwa mu Kitabo ky'Omutukuvu Lukka, mu ssuula eya 24, e…ŋŋenda kutandikira ku lunyiriri olwe 13, era nsome ekitundu kyayo.

> *Awo laba, ku lunaku olwo, babiri ku bo baali nga bagenda mu mbuga erinnya lyayo Emawo, eyali ewalako ne Yerusaalemi, sutaddyo nkaaga.*
>
> *Ne banyumya bokka na bokka…ebyo byonna ebibaddewo.*
>
> *Awo olwatuuka baali nga banyumya nga beebuuzaganya…Yesu yennyini n'abasembererera, n'agenda wamu nabo.*
>
> *Naye amaaso gaabwe ne gazibwa baleme okumutegeera.*
>
> *N'abagamba nti Bigambo ki bye mubuuzaganya nga mutambula? Ne bayimirira nga bawootedde.*
>
> *Omu ku bo erinnya kye Kulyoppa n'addamu n'amugamba nti Ggwe osula wekka mu Yerusaalemi atamanyi ebyabaamu…mu nnaku zino?*
>
> *N'abagamba nti Bigambo ki? Ne bamugamba nti Ebya Yesu Omunazaaleesi, eyali nnabbi ow'amaanyi mu bye yakoleranga ne bye yayogereranga mu maaso ga Katonda ne mu g'abantu bonna:*
>
> *Ne bakabona abakulu n'abakungu baffe bwe baamuwaayo…okumusalira omusango ogw'okumutta, ne bamukomerera.*
>
> *Naye ffe twali tusuubira nti ye alinunula Israeri. Ate ne ku bino byonna, leero zino ennaku ssatu ebigambo bino kasookedde bibaawo.*
>
> *Era n'abakazi abamu ab'ewaffe batuwuniikirizza, abaakedde okugenda ku… ntaana; …bwe bataasanze mulambo gwe, ne bajja ne bagamba nti balabye okwolesebwa kwa bamalayika*

*abagambye…abagambye nti mulamu.*

*N'abamu ku bo abaabadde naffe bagenze ku ntaana, ne basanga bwe batyo ng'abakazi bwe bagambye, naye ne batamulaba.*

*Kale ye n'abagamba nti Mmwe abasirusiru, abagayaavu mu mutima okukkiriza (obutakkiriza) byonna bannabbi bye baayogeranga;*

*Tekyagwanira Kristo okubonyaabonyezebwa ebyo, era…alyoke ayingire mu kitiibwa kye?*

*N'asookera ku Musa ne ku bannabbi bonna, n'abategeeza…mu byawandiikibwa byonna ebyamuwandiikirwa ye.*

Ka Mukama agate omukisa Gwe ku kusomebwa kw'Ebigambo Bye.

10 Kaakati ntwala…bwe mba waakukiyita eky'okuyigako, nnandyagadde kutwala kino: Ebiriwo…*Ebigenda Bibaawo Ng'obunabbi Bwabirambulula*. Kaakati, bulijjo abadde Katonda…engeri ya Katonda etakyuka oku-…okuganya abantu Be okumanyirawo ng'ekintu ekimu tekinnabaawo.

Singa abantu mu nnaku za Mukama Yesu singa baali banoonyezza Katonda kyokka ate ne bamanya kiki ekyali kinaatera okutuukawo, tebandisalidde Yesu gwa kufa. Wabula ensonga lwaki bwe kyali, kubanga Ebyawandiikibwa byalina okutuukirizibwa, kubanga Abayudaaya baalina okuzibibwa amaaso. Ffenna ekyo tukimanyiiko.

Mukizuula ng'ekyo kyasuubizibwa nate mu mulembe guno gwe tulimu? Omulembe gw'Ekkanisa ogwa Lawodikiya, omulembe gw'ekkanisa ogw'omusanvu gwe tulimu kaakano, bali bwereere, banaku, bazibe b'amaaso, ate nga tebakimanyi. Mu ngeri y'emu nga bwe Yabaziba amaaso emabega eyo olw'ekigendererwa eky'okuyisaawo Obubaka Bwe eri abalonde, Asuubizza okukola ekintu ky'ekimu n'olwaleero.

11 Era kino bwe mba waakukyogera olw'okussaamu ekitiibwa baganda bange bonna ne bannyinaze mu Kristo: Ezimu ku nnaku zino omuntu omu agenda kugamba nti, "Tekyawandiikibwa nti ebintu bino biteekeddwa okusooka okubaawo?"

Era kijja kubeera mu ngeri y'emu nga bwe kyali ku luli nti, "Ddala, mbagamba, yajja dda, era baamukola bye baayagala."

Bwe baamubuuza, nti, "Lwaki abawandiisi bagamba, n'Ebyawandiikibwa nga bigamba nti-nti 'Eriya ateekeddwa okusooka okujja."' Ebyo baabibuuza Yesu.

N'agamba nti, "Yamala dda okujja, era ne mutamumanya." Mulaba? Era oboolyawo y'eyo engeri gye kijja okukomekkererezaamu nate.

12 Kaakati twagala okujjukikizibwa, okumanya eby'okubaawo ku lw'omulembe guno gwe tulimu. Katonda Ateeseteese Ekigambo Kye ku lwa buli mulembe, nnyo ku lwa buli mulembe, era tuteekeddwa okwekkaanya nti omulembe ogumu tegusobola kuyingira mu mulembe mulala. Tekijja kukola. Okugeza, nga bwe ŋŋambyenga, nzikiriza ekiro ekyayise oba…nkyogeddenga, kiro ku kiro, mu bifo, n'ebiseera abimu nziramu ne nkyogera omulundi ogw'okubiri. Sitegeeza kweddiŋŋana, wabula ki… njogera kino: Kiki ekiyinza…kalungi ki ke kyandikoledde Musa okugezaako okubuulira obubaka bwa Nuuwa? Oba kalungi ki ke kya…kyandikoledde Yesu okugezaako okubuulira obubaka bwa Musa? Oba Kalungi ki ke kyandikoledde Martin Luther okweyongerayo n'obubaka bw'Ekikatuliki? Kyandikoledde kalungi ki Wesley okweyongerayo n'obubaka bw'Ekiruzalaani? Kyandikoze kalungi ki eri Abapentekoote okweyongerayo n'obubaka bwa Mesodisiti? Oba kalungi ki ke kinaakolera Pentekoote okweyongerayo ng'Omugole ayitiddwa? Mulaba, tuli butereevu awo mu kiseera ky'ensigo, tuli wano mu kiseera ky'enkomerero. Kaakano, okuggyako ng'empeke y'eŋŋano egudde mu ttaka, ebeerera awo yokka.

13 Ng'omukolokosi, mbaddeko bye njogedde okuva ekitabo lwe kyafulumizibwa, oboolyawo mukirina wano mu kibuga kyammwe, eky'oyo Omuwandiisi Omugirimaani eyawandiika agamu ku mawulire agakolokota. Mukaafiiri. Kubanga tali…Simusalira musango olw'okuba naye yansalira omusango: naye, kubanga, olw'okubeera omukaafiiri, ekitabo tekyandibadde mu masa g'ebitabo. N'agamba nti, "Katonda Ayinza okutuula ng'Agamba nti Asobola okwawulamu Ennyanja Emmyufu n'Anunula abantu Be, ate awo n'Atuula n'Azinga n'emikono Gye ku lubuto Lwe n'Alaba okuyita mu Mirembe gy'Ekizikiza Abakristaayo abo nga bayuzaayuzibwamu empologoma obulere; ba maama abo ng'enviiri zaabwe zinnyikiddwa mu mafuta, ne babawanika ku misaalaba ne babookya; n'abaana baabwe…bamaama abalindirira okuzaala, baayinzanga okwabuluzaamu embuto nga bakuba zzaala ku kikula ky'omwana oba nga mulenzi oba muwala; n'Atuula n'Akiganya okutuukawo; abantu abaali balina okuba abaweereza ba Katonda."

14 Mulaba, Ekyawandiikibwa kiruŋŋamizibwa. Tolisobola kumanya Kyawandiikibwa ng'otudde butuuzi wansi n'okisoma okusinziira ku ndaba y'amagezi g'ekinnaddiini, okusinziira ku ndaba y'obuyigirize; tekikolangako.

Nnabadde njogerako n'omuweereza wa Baputisiti ebbanga ssi ddene gye buvuddeko, n'agamba nti, "Okutuusa nga tuyize Oluyonaani olutuufu, olwo tujja…"

Ne ŋŋamba nti, "Mu lukiiko lwa Nikyeya, ng'ekyo tekinnabaawo, baali bakaayana ku kikwata ku bigambo by'Oluyonaani mu Baibuli." Tolikimanya.

Baibuli yaakubikkulirwa na kuluŋŋamizibwa. Ekyo ky'ekintu kyokka, okubikkulirwa. Yesu yagamba Peetero nti, "Ku lwazi luno." Olwazi luno olw'okubikkulirwa lubikkula Ye y'Ani. "Oweereddwa omukisa ggwe Simooni, ba- Yona, omubiri n'omusaayi tebyakubikkulidde kino, wabula Kitange Ali mu Ggulu kino y'Akikubikkulidde; ku lwazi luno kwe ndizimba Ekkanisa Yange." Si ku Peetero, si ku Ye Mwene, wabula ku kubikkulirwa okw'Omwoyo okw'ekyo kye Yali.

Era Ye ye Kigambo! Omutukuvu Yokaana 1, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'Afuuka omubiri n'abeerako gye tuli." Abaebbulaniya 13:8, "Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

15 N'olwekyo tuli mu mulembe awo okulabisibwa kw'Ekigambo kya Katonda we kulina okujja eri omulembe ogw'enjawulo okusinga omulembe gwa Pentekoote. Era ekyo kituufu. Mujjukire, mujja…ndi muntu atali muyigirize; wabula tosobola kuwangula butonde, kubanga Katonda Akolera mu kweyongerayo kw'obutonde. Nga bwe ŋŋambyenga, enjuba evaayo era n'egwa; n'eyita mu lunaku, era ng'omulembe gw'essomero; n'efa akawungeezi, okuvaayo nate amakya agaddako. Emiti gita amasanda okukkirira wansi mu kiseera ky'obutiti, ne gakka mu mirandira, era ne gakomawo mu kiseera ng'obutiti buwedde ate ng'ebbugumu terinnatandika.

Mwetegereze, Yakifaanaanyiriza empeke y'eŋŋano, Omugole, ensonga lwaki Katonda ekyo yalina okukiganya okugenda bwe kityo. Ekyo kirungi, kyannamaddala, Ekkanisa eyannamaddala eyatandikibwawo ku Lunaku lwa Pentekoote, yali ekuze n'ekulira ddala okuviira ddala ku Lunaku lwa Pentekoote, okufuukamu ekkanisa ey'amaanyi, yalina okugwa mu ttaka mu mulembe ogwo ogw'Ekizikiza n'eziikibwa ng'ensigo endala zonna bwe zikola. Yalina okufa esobole okuvaayo nate mu Kuddaabululwa. N'ekomawo mu muntu ow'Okuddaabululwa, Martin Luther. Era okuva awo eringa ekikolo ky'eŋŋano kivaayo. Ekintu ekisooka ekivaayo bwe bukoola obutono bubiri, awo n'egenda ng'eyongerako obukoola obulala. Awo nno ne wajja Martin Luther, olwo nno ne Zwingli, n'okukka wansi, Calvin, era nga bwe baatambula okweyongera mu maaso.

16 Oluvannyuma ennyo n'egenda mu luyange. Kaakati, oyo ye yali John Wesley mu mulembe gwa Wesley. Empumbu n'evaamu.

Okuva awo ne wajja omulembe gwa Pentekoote, nga gufaanaganira ddala, ng'empeke eyaddala ddala ng'ogitunuulidde ku kikolo. Naye singa onaatwala eŋŋano eyo n'ogizza emabega, nga temuli yadde empeke mu yo, kisusunku kyokka mu kikula ky'empeke. Wabula eri awo olw'ekigendererwa, okubikka empeke okutuusa…singa omusana gugyakako bwe gutyo, guyinza okugitta.

Erina okusigala omwo okutuusa ekiseera ekimu, awo obulamu bwonna obwabulira mu kisusunku (nga bwe bwava ku kikolo, ne buleka empumbu), buleka ekisusunku ne bugenda mu ŋŋano, n'eddamu ne yeekola nate nga bwe yali wansi mu ttaka.

17 Kaakati, ffenna tukimanyi nti buli obubaka lwe buweebwa, mu myaka esatu bakola ekibiina. Ekyo bwe bakikola, kibuttirawo awo wennyini; bwe kyali mu nnaku za Luther, kubanga, bwe kyakikola mu nnaku za Wesley, kyakikola mu nnaku za Alexander Campbell, n'abalala bonna, ne kikikola mu nnaku za Pentekoote. Ddala ddala! Mulaba? Mubaako we mutuuka, buli omu n'akakanyala, n'ava ku mulamwa, nga tebasobola kufuna kubikkulirwa kupya. Ne bakkakkana wansi; era nga bali awo, era awo ne bafa. N'obulamu bugendera ddala okuyita mu ekyo, ne bweyongerayo okukola eŋŋano. Era awo eŋŋano bw'ejja, obulamu obwo obutambudde okuyita mu ŋŋano eyo, okuzuukira, kufulumyayo ekintu kyonna; yee, ne bugireeta mu Kukwakkulibwa.

18 Kaakati, mujjukire, Obubaka buno okusooka bwatandika na kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, okukola eby'amagero. Kaakati, singa obwo Katonda Abuganya okugenda nga buyita mu kkanisa eyabulijjo, ng'era bwe tukirina, olwo aba teyali Katonda. Katonda talina kweraga; Ta-Talina kukola bintu bino, okutusanyusa, nga ffe Abamerica bwe tumanyidde (Okusanyusibwa) wabula Akikola okusikiriza ebirowoozo by'abantu, nti Ateekateeka okubaako ky'Akola.

Mumutunuulire Ye Mwene bw'Ajja. "Nnabbi ow'ekitalo, omuyigiriza, nnabbi w'Eggaliraaya." Lwaki, obuweereza Bwe bwali bwa kitalo, Yayanirizibwa mu buli kkanisa.

Wabula olumu Yatuula wansi, n'Agamba nti, "Nze ne Kitange tuli Omu."

"Oh, owange!" Ekyo tekyaliyo. "Omuntu oyo mumubeere wala!"

"Okuggyako nga mulidde omubiri gw'Omwana w'omuntu, ne munywa Omusaayi Gwe, temulina Bulamu

mu mmwe."

"Lwaki, musezi! Omuntu bw'atyo muve w'ali!" Mulaba?

Mulaba, waaliwo ekintu ekimu ekyalina okugoberera akabonero ako. Mulaba, ekintu ekimu kyagoberera.

Ekisusunku ne kigikwata, naye kati ekisusunku kivaako; kirina okuvaako. Era mujjukire, emyaka amakumi abiri egiyiseewo nga tewali bibiina bya ddiini birala bigivuddemu, eŋŋano etutte ekikula. Naye kaakati buzibu ki obuli ku ŋŋano, tosobola…eteekeddwa okweyanjuluza mu maaso g'Omwana, okwengera, ng'abakungula tebannagirondawo.

19 Kaakati, ebibaawo bye tulaba nga bigenda mu maaso, biragibwa ddala mu Baibuli, ebya buli mulembe. Tulowooza tuvudde ku mulamwa, naye si bwe tuli, buli kimu kitambulira ddala n'Ekigambo kya Katonda.

Kaakati, Baibuli Kitabo kya njawulo okuva ku bitabo ebirala byonna ebitukuvu. Tewaliiwo kitabo kiringa Baibuli, kubanga Baibuli ye Katonda mu ngeri ey'Ekigambo. Mulaba? Ki… Ekigambo ky'ekirowoozo nga kirabisiddwa. Okulowooza kwa Katonda nga kukirabisizza. Ebigambo Bye okuyita mu bannabbi; ne bawandiika Baibuli, eyo eri mu ngeri y'Ekigambo. Ne Yesu yakiyita "Ensigo." Na buli nsigo yonna ejja kuleeta ey'engeri yaayo bw'enaabeera mu mbeera ennungi, embeera y'obudde ennungi. Kaakati, Ekitabo kino ekya…ki…Ekitano kino eky'obunnabbi. Ki-kubuulira eby'omu maaso. Kaakano, Ekitabo kirimu okubikkulirwa kwonna okwa Yesu Kristo. Tokigattako oba tokitoolako, nabuli kubikkulirwa kuteekeddwa okujja okuyita mu Kyo. Mulaba, kiteekeddwa okuba Kigambo.

20 Kale abantu bagamba nti, "Nnafuna okubikkulirwa." Yee. Tukimanyi Joseph Smith n'abalala bangi baalina okubikkulirwa n'ebintu, wabula kwali kukontana n'Ekigambo.

Kulina kujja okusinziira ku Kigambo bwe kuba nga kuva eri Katonda, kubanga kwakulabisa oba okukakasa Okubeerawo kwa Katonda. Era Yamanyirawo ebintu bino byonna, okubeera…Okuyita mu kumanya Kwe okw'edda Yayawula, Yayawula (mu Baibuli kiyitibwa nti, "Okuteekerwateekerwa") buli mulembe eri ekifo kyagwo, nabuli muntu eri ekifo kye, nabuli mubaka eri ekifo kye. Ye Katonda, setaani talina kyamusindiikiririzaako Ye. Era Ye Katonda, era Ayawudde buli kintu okubaawo, ne kikwataganira ddala n'Ekigambo Kye.

Kale bwe tuba nga tusobola okulaba, olw'Ekigambo Kye, mulembe ki na kiseera ki kye tulimu, mujja kukiraba wano wennyini mu Baibuli, eky'omulembe guno, kiki kye tuteekeddwa…kiki ekiteekeddwa okutuukawo mu kiseera kino.

21 Kaakati, ebitabo ebirala, tuzuula ebitabo bingi ebyo bye bayita ebitabo "ebitukuvu," n'ebirala. Era Nsomye Kuluhaani n'ebirala bingi. Wabula, mulaba, ebitabo byabwe ebitukuvu nnambika za nkola, ez'empisa, oba amagezi g'ekinnaddiini kyokka.

Wabula Ekitabo kino Nnabbi, kya njawulo okuva ku kitabo ekirala kyonna. Baibuli ky'Ekigambo kya Katonda nga kyogera ebiribaawo mu maaso. Kyogera ebiri mu maaso kubanga kyalabula dda.

Katonda bw'Abaako ekintu kyonna ky'Asindika, Ayogera era Yasuubiza mu Baibuli nti talibaako ky'Akola ku nsi okuggyako ng'Asoose okukibikkulira abaweereza Be bannabbi. Oyo ye Amosi 3:7. Ye… ne Katonda Tasobola kulimba Akibikkula, eyo y'ebaddenga enkola Ye ey'okukikolamu okuyita mu mirembe gyonna. Talemererwangako kukikola.

22 Kaakati, twasuubizibwa, mu nnaku ez'oluvannyuma, kino okuzzibwawo. Tewajja kuba kkanisa, tewali kibiina kya ddiini, Mesodisiti, Baputisiti, Pulesibeteriyani, Pentekoote, tebali (mu mbeera yaabwe ey'akakyo kano) tebalitwala kkanisa eno okuba Omugole. Tebasobola kukikola, balemererwa. Buli omu alumaŋŋana nnyo n'omulala, era ensi eseensedde munda, n'ebirala, ne-ne bafiira mu makubo gaabwe bo. Kale Katonda ekyo Akimanyi.

N'okubikkula Ekigambo kino, omu agamba nti, "Kale, nnina kino. Era Katonda Yeebazibwe, kiri kityo." Bwe kityo bwe kyali awo Yesu we Yajjira omulundi ogusooka; nga buli omu alina enjigiriza, buli omu alina kino. Kirina kuba kintu ekimu ekituweereddwa okuva eri Katonda. Ne Katonda Yakisuubiza. Era engeri yokka gy'Ajja okukikolamu, kwe kukuuma enkola Ye y'emu. Yasuubiza okututumira, mu nnaku zino ez'oluvannyuma, okusinziira ku Malaki 4, nnabbi ku nsi nga, "Oyo y'ajja okukyusa emitima gy'abantu okugikomyawo, emitima gy'abaana okugikomyawo eri ba kitaabwe abatume nate." Ekyo Yakisuubiza mu Kigambo Kye. Lukka 17 n'ebifo ebirala bingi ekyo Yakisuubiza, nti Ya…ekyo ky'Alikola mu nnaku zino ez'oluvannyuma okuleeta ekintu kino eri Ekigambo ekikakasiddwa.

23 Mulaba, omuntu asobola okwogera ekintu kyonna, wabula okuggyako nga Katonda Avvuunudde Ekigambo ekyo…Mulaba, kaakati, tulina okuvvuunula kwaffe ffe, tugamba nti kitegeeza kino. Era ono, Omumesodisiti, agamba kino, Omubaputisiti agamba kino, Omupentekoote yagamba kino, ow'Obumu agamba kino, ow'Obubiri agamba kino, Era, oh, abange, awo we muli. Wabula Katonda Teyeetaaga

muvvuunuzi yenna, Ye Yevvuunulira. Ekigambo Kye Akyevvuunulira okuyita mu kukikakasa mu mulembe gwe kigendereddwamu, olw'omulembe gwe kiweereddwa.

Tetubeera mu mulembe gwa Pentekoote, tubeera mu mulembe mulala. Mulaba, tetubeera mu mulembe gwa Mesodisiti, tubeera mu mulembe mulala. Tubeera wano waggulu mu mulembe gw'Omugole, okuyitibwayo kw'Ekkanisa okugikuŋŋaanya olw'Okukwakkulibwa. Ogwo gwe mulembe gwe tulimu kaakano. Era ekirowoozo kyange eky'obwesimbu ago ge Mazima gennyini.

24 Era Ekitabo kino kitabo kya bunnabbi. Abakkiriza be balagibwa okukissaamu ekitiibwa n'okukisoma, n'okukkiriza Nnannyini kyo, kuba buli Kigambo ekiwandiikiddwamu munda omwo kiteekeddwa okutuukirira. Buli kimu ekyasuubizibwa kirina okutuukirira, kubanga ye Yesu Kristo mu buli mulembe. Omu jjo, y'Eyali Yesu Kristo mu Nuuwa; y'Eyali Yesu Kristo mu Musa, y'Eyali Yesu Kristo mu Dawudi, y'Eyali Yesu Kristo mu Joseph; ye Yesu Kristo, Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era ye Yesu Kristo ng'Ali mu bantu Be olwaleero, ng'Akola ebintu ebyo bye Yasuubiza by'Ajja okukola mu mulembe guno. Ye Yesu Kristo.

Wabula ekkanisa efuuse nkakanyavu nnyo, eri wala nnyo, ng'ow'oluganda oli bwe yagamba wano. Era-era amakanisa gaffe gafuuka ky'ekimu, okutuusa nga tulina okuba n'ekintu ekitukunkumula okutuzza eri Ekigambo kya Katonda. Tumanya tutya nga kigenda kukikola? Kirina kujja okusinziira ku nteekateeka ya Katonda. Tekisobola kujja kuyita mu muntu yenna owa wansi, tekijja kujja kusinziira ku munnabizinesi, tekisobola kujja lw'amakanisa. Katonda Ataddewo enteekateeka Ye.

25 Nnayogera wano mu Shreveport olunaku lwa luli, ku mukutu gw'eggwanga lyonna okulyetooloola, nti, *Okugezaako Okukolerera Katonda Omulimu Ogutali Mu Kusiima Kwe*. Dawudi yagezaako okukomyawo essanduuko ya Katonda mu nnyumba. Yali kabaka eyafukibwako amafuta. Lwaki, ya-yeebuuza ku banne, abaduumizi b'enkumi n'enkumi be, n'abemitwalo, n'abalala. Bonna ne bagamba nti, "Ekyo ky'Ekigambo kya Mukama." Ne beebuuza ku kabona nti, "Ekyo kyali kya kitalo." Bonna ne baluŋŋamizibwa, ne baleekaana, baakola buli kikolwa eky'eddiini ekyaliwo. Era nga kyali kikontanira ddala n'okusiima kwa Katonda, kubanga waaliwo nnabbi mu nsi ng'ayitibwa Nasani nga n'okubuuzibwa teyeebuuzibbwako kikwata ku ekyo. Mulaba? Era twakizuula nga tekyakola wadde nga baali beesimbu, okugezaako okukolera Katonda omulimu.

26 Era osobola okubeera omwesimbu ennyo; wabula, okutuusa nga tutegedde kye tukola, obeera olwanyisa mpewo. Komawo eri Ekigambo kya Katonda otereere, awo ogende; olwo otegeere. Ng'omujaasi, atamanyi kyakukola okutuusa ng'afunye ebiragiro okukikola. Tuteekeddwa okubeera abajaasi Abakristaayo, tufune ebiragiro okuva mu Baibuli olw'essaawa ya kaakano; si okulumba jjo, okulumba olunaku olwayise, wabula okulumba olwaleero (kkubo ki lye tunaagendamu). Okuzuula essaawa gye tulimu.

Ebintu bino ebiriwo bituyitako mu bwangu ddala, era olumu tugenda kuzuula nga tulekeddwa emabega awatali kintu kyonna, tukwatibwe, tuteekebweko akabonero k'ensolo nga n'okukimanya tetunnakimanya.

27 Kaakati, wamu n'obugumiikiriza tulina okulindirira ku kino, olw'obunnabbi obwasuubizibwa, buli bumu kubwo buteekeddwa okutuukirizibwa mu mulembe gwabwo. Kuba butubuulira eby'omu maaso, Nnannyini kino yali akikozeeko, era tulinda okumulaba Ye ng'Addamu okukikola nate. Nga kiseera kye tulimu! Ekintu ekimu ekiringa kalenda; otunuulira kalenda ozuule lunaku ki olw'omwaka lw'olimu, otunuulire Baibuli ya Katonda okulaba mulembe ki gwe tulimu. Tetubeera mu mulembe gwa Mesodisiti, Omulembe gwa Baputisiti. Tubeera mu mulembe gwa Mugole, okuyita, okukomyawo eri Katonda okuyita mu mukutu ogwo gwe Yasuubiza okukikomezaawo. Yasuubiza okukikola.

Naye nga bwe kibadde mu buli mulembe, abantu baganya omuntu n'assaawo okuvvuunula kwe ye ku Kyo okuyita mu magezi g'ekinnaddiini, era nga tajja kukkiriza kukakasibwa kw'Amaanyi g'Obwakatonda. Okwo kwe kuvvuunula kwa Katonda. Si kye ŋŋamba, omuntu omulala ky'agamba, wabula ekyo Katonda ky'Asuubizza; na kiki Katonda ky'Akola, ky'ekikakasa nti ye Katonda Yevvuunulira Ekigambo Kye.

28 Mmwe Abapentekoote baabagamba, emyaka amakumi ana, emyaka amakumi ataano egiyise, ba nnyammwe ne bakitammwe, bwe baali Abapentekoote abannamaddala, baafuluma ekibiina ekintu ne bakikolimira ne batambula okukivaamu: Kale ng'embwa bw'edda eri ebisesemye byayo, baakiddamu nate, ne bakola ekintu ky'ekimu ekyatta ekkanisa eyo, n'eyammwe mugisse olw'ekintu ky'ekimu. Tewali kye mpakanya ku bantu abali munda omwo, tewali kye nkirinako, z'enkola z'ebintu ze zikikola.

Eka, nze…ŋŋenda eka…kino sikibuulira mu lukuŋŋaana lwa muntu mulala. Ŋŋenda kubuulira Omukululo gw'Omusota, era mubuwulirize bwe munaatwala entambi.

29 Era, mwetegereze, baasubwa okulaba obukakafu bw'obunnabbi obw'Ekigambo kya Katonda nga kituukiriziddwa. Bwe kiba nga bakabona abo…Baakikolera ddala mu ngeri Masiya gye yali Agenda okujjamu, baamanya kiki ekyali kigenda okutuukawo. Abafa…Abafarisaayo baalina endowooza yaabwe bo, Abasaddukaayo, Abakerodiya, n'abalala, baalina ebirowoozo byabwe bo. Wabula Ye Teyajja…Yajja

okukontana ku buli omu ku bo, wabula ng'Ali ddala n'Ekigambo. Yesu Yayogera ekintu ky'ekimu bwe Yali wano: "Singa mubadde muntegedde Nze, mwandiyinzizza okumanya olunaku Lwange. Singa mubadde mutegedde, nga mu…Mugamba nti, "Kale, Musa! Tulina Musa."' Nti, "Lwaki, singa mwakkiriza Musa, mwandinzikirizza Nze; kubanga, yampandiikako Nze."

Wabula, mulabe, Katonda bwe Yali Akakasiza ddala ekyo kye Yasuubiza, baakirina mu ngeri emu ey'ekitiibwa eyo Yesu gye Ali Ateekeddwa okujjamu, era e…ntegeeza Masiya. Masiya Yalina okujja eri ekibinja kyabwe oba si ekyo Teyali Masiya. Kale, kyenkana, bwe kityo bwe kiri n'olwaleero nti, "Bw'otalabira mu galubindi zange, oba tolabirako ddala." Mulaba, kale eyo-eyo y'engeri gye kirimu. Ffe… Ago ge mazima. Ekyo tukyawa okukirowooza, wabula ge Mazima ddala.

30 Mu Abaebbulaniya 1:1, Katonda edda bwe Yawandiika Baibuli mu ngeri Ye gye Yeerondera. Teyagiwandiika kuyita mu bakugu mu magezi g'ekinnaddiini, oba Ye okugivvuunula okuyita mu bakugu b'amagezi g'ekinnaddiini. Tewabangawo kiseera ekyo-ekyo abakugu mu magezi g'ekinnaddiini we baali babaddeko n'okuvvuunula kw'Ekigambo kya Katonda. Okuvvuunula kujja eri nnabbi yekka. Era engeri yokka gye tugenda okuvaamu mu kavuyo kano, ye Katonda okututumira nnabi oyo, ddala, engeri yokka gye kigenda okukolebwamu. Kikkiriziddwa, ne kitunuulirwa, no-n'okutuukirira.

Mulaba, tekyawandiikibwa muntu, wabula kyawandiikibwa Katonda. Si kitabo kya muntu, si kitabo kya mukugu mu magezi g'ekinnaddiini. Kitabo kya Katonda, nga ky'Ekitabo eky'obunnabbi ekyawandiikibwa bannabbi nga kivvuunuddwa bannabbi. Baibuli egamba nti, "Ekigambo kya Mukama kijja eri bannabbi." Ddala!

31 Ekyo nga kyannyonnyolwa bulungi, oba okulagibwa awo nga Yesu bwe Yajja ku nsi, ne Yokaana ye yali nnabbi w'olunaku olwo, era ya-yali alagula. Ne bagamba nti, "Oh, ky'ogamba nti Katonda agenda kuyuzaayuzaamu ebibiina byaffe eby'okwegatta wano na bino byonna ebintu? Era nga wagenda kubaawo ekiseera, awo yeekaalu zaffe we zitaasinzibwengamu?"

Yagamba nti waali wajja akaseera awo Katonda w'Ayinza okukola ssaddaaka okuva mu Mwana gw'Endiga gwa Katonda, Omuntu. N'agamba nti-nti ajja kumumanya Ye bw'Anajja. N'agamba… Yali yeekakasa nnyo obubaka bwe, yagamba nti, "Ayimiridde mu mmwe kaakano so temukimanyi." Ali ddala mu mmwe ate nga temukimanyi.

Era olunaku lumu Yesu bwe Yatambula okwesowolayo, Yokaana n'atunula waggulu n'alaba akabonero ako waggulu We, n'agamba nti, "Laba Omwana gw'Endiga wa Katonda Aggyawo ebibi by'ensi." Eddakiika eyo y'emu Yesu Yamanya ku olwo nti Yali Akakasiddwa mu maaso g'abantu. Kaakati, ye Yali Kigambo, ekyo tuyinza okukibuusabuusa? Baibuli egamba nti ye Yali Kigambo nti, "Ku Lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuulibwa omubiri n'abeerako gye tuli." Era wuuno, e…Ekigambo kiikino wano ku nsi (labayo! nga kituukiridde!) Yavaayo mu mazzi okugenda eri nnabbi.

32 Ekyo kituufu, Ekigambo bulijjo kijja eri nnabbi We. Kale tetuyinza kukisuubira kujja eri mukugu mu magezi g'ekinnaddiini. Tetukisuubira kujja eri ebibiina by'eddiini. Kirina kujjira mu kkubo ery'omukutu gwa Katonda ogwo gwe Yatubuulirako edda, era eyo y'engeri yokka gye kirina okujjamu. Kijja kukyayibwa, okunyomebwa, okugaanibwa. Awo bwe kijja, kijja kusuulibwa erudda, nabuli kimu, wabula Katonda Ajja kukikola mu buli ngeri. Kyagaanibwa mu Yesu Kristo, kyagaaniwba mu Yokaana, kyagaanibwa okuyita mu Yeremiya, kyagaanibwa okuyita mu Musa. Bulijjo kiri bwe kityo. Naye Katonda Yeeyongerayo mu ngeri gye Yasuubiza gy'Ajja okukikolamu. Yee, ssebo, Talemererwangako kukikola mu ngeri y'emu.

33 Omuntu alabye okwolesebwa oba awulidde eddoboozi Lye, okutwaliza awamu tabitegeera. Mu ngeri nnyingi tamanyi, kubanga ye kikozesebwa ekya Katonda. By'ebirowoozo bya Katonda nga byolesebbwa okuyita mu mimwa gy'omuntu, ekirowoozo, amazima, ky'Ekigambo nga kirabisiddwa. Katonda Yeerondera Ye okuyita mu kulonda Kwe okw'okuteekerwateekerwa. Akikoze mu buli mulembe, Yassaawo omusajja ku lwa buli mulembe. Nga Musa, bwe yali atuukiriza ekyo kye Yagamba Ibulayimu. Musa yazaalibwa nga mwana mulungi, nga tayinza kukyebeera okubeera bw'atyo. Yazaalibwa bw'atyo kubanga yazaalibwa olw'ekigendererwa ekyo.

Kale nno tukizuula nti Katonda ekyo Akikola mu buli mulembe. Katonda Yeerondera okuyita mu kulonda Kwe okw'okuteekerwateekerwa, Alonda bannabbi Be n'ebintu eby'omulembe; Atereeza-atereeza obutonde, obutonde bw'omuntu, engeri y'omuntu ey'okubuuliramu eri…ku kirabo kyabwe ne byonna by'akola, kwe kusisinkana okusomoozebwa kw'olunaku. Katonda Atonda omuntu oyo n'Amutuma. Era mu Ndowooza Ye, nga bwe nnakibuuliddeko ekiro ekyayise, tuli kawulungwa ek'entabaluganda ya Katonda. Yamanya nti omuntu oyo ajja kubaawo awo mu mulembe ogwo, nga tewannabaawo yadde akasirikitu, oba ekitangaala, oba ekintu kyonna ekirala ku nsi.

34 Kuba ggwe oli ntabaluganda ya kitaawo, era wali mu kitaawo, ate nga kitaawo yali talina kussa kimu naawe kubanga ya…Wali munda omwo, wabula tewakimanya naye teyakimanya, naye walabisibwa osobole… asobole okussa ekimu naawe. Era ggwe okuzaalibwa ogw'okubiri, wazaalibwa Obulamu

Obutaggwaawo. Era y'eyo engeri yokka ey'Obulamu Obutaggwaawo, ng'obwo bwe Bulamu bwa Katonda. Zoe, Ekigambo eky'Oluyonaani kiri Zoe, engeri emu yokka ey'Obulamu Obutaggwaawo.

Olwo bw'obeera omwana wa Katonda ow'obulenzi oba ow'obuwala, wali mu Katonda ekiseera kyonna. Wabula Yamanya jjalulizo ki n'ekiseera mw'ojja okusimbibwa. Kale kaakano wakolebwa ng'oli kitonde, omwana wa Katonda ow'obulenzi, omwana wa Katonda ow'obuwala oba ow'obulenzi alabisiddwa okusisinkana okusoomoozebwa kw'essaawa eno okukakasa Katonda omulamu era ow'amazima ow'essaawa eno, Obubaka obuvaayo mu kiseera kino. Ekyo bwe kiri! Eyo wali wamala dda okubaayo nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Bwe kiba nga tekyali…Bw'oba nga tewalondebwa bw'otyo, sinsonga ogezaako kyenkana wa okukigeegeenya, tolikikola. Oyinza otya okufuna omusaayi okuva mu kimera ky'enkuukuulu ng'ate temuli musaayi munda omwo?

35 Eyo y'ensonga lwaki ngezaako okwogera ku bantu abalowooza twali…twali tuleekaanira abakazi ku kikwata ku nviiri ennyimpi, n'abantu baŋŋamba ku ky'okwogera ebintu ebyo anti, "Ogenda kwonoona obuweereza bwo." Okwonoona obuweereza obwo Katonda Ye Mwennyini bwe Yayawula? Kiddire eri! Era abantu bwe bawulira Ekigambo kya Katonda…Omwana bw'ayingira mu lubuto lwa maama we, akatoffaali ako bwe kayingira munda omwo, akatoffaali akalala keezimba waggulu waako. Si akatofaali akamu ok'omuntu, akaddako ka mbwa, n'akaddirira ka kkapa, n'akaddako mbu ka kintu kirala; Ddala ddala, butereevu, muntu. Era omuntu bw'azaalibwa Omwoyo wa Katonda, Tabaako kintu kyonna ky'ayingiza mu bulamu bwe, ky'Ekigambo kya Katonda ekitali kijungulule nga kikakasiddwa olw'essaawa eyo. Atwala Ekigambo kya Katonda ekijjuvu, tassaamu biyiiye, tewali kirala kiri mu kyo. Ddala tekibeera kijungulule, Ekigambo kya Katonda nga kirabisiddwa mu ffe.

36 Mutunule mu Baibuli, mulabe awo, mulembe ki gwe tulimu, bwe mulaba ebintu bino eby'amaanyi nga birabisibwa. Katonda nga bwe Yasuubiza okukikola, bulijjo Akikola. Era ku nkomerero ya buli mulembe ekkanisa bw'etuuka mu kifo awakyukirwa, n'ekyuka okuva ku Kigambo okudda ku kibi n'okubaamu ensi… Okubaamu ensi kibi. Baibuli egamba nti, "Bwe mwagalanga ensi oba ebintu by'ensi, okwagala kwa Katonda nga tekuli na mu mmwe."

Ekiro ekyayise, nnabadde njogera ku-ku ssaddaaka eyaweebwayo, Omwana Gw'Endiga. Zaali za kuba ennaku musanvu, nga zikiikirira emirembe gy'amakanisa omusanvu. Tewaaliwo kusanga kizimbulukusa mu bantu, nga tewali kizimbulukusa okumala ennaku musanvu. Ekyo kitegeeza nti tewaliiwo ky'etabudde nakyo, tekiriimu kizimbulukusa, bulijjo. Era tetwagala kiyiiye kyonna, ebizimbulukusa n'ebyo ebintu nga by'etabudde naffe. Tetwagala nsi kwetabulatabula mu ffe. Erina kuba Mmere etaliimu kizimbulukusa eya Katonda, Ekigambo kya Katonda, Ekigambo kya Katonda ekitali kijungulule, ekyo nti, "Omuntu anaabanga mulamu lwa buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."

37 Enkola yaffe ey'ebibiina by'eddiini, enjawukana n'ebintu, bitutaddemu ekizimbulukusa, kino na kiri n'ensi n'emisono. Era oh, tutuukidde ddala okuba nga kyenkana Hollywood eri buli wamu. Oluvannyuma kijja kutuuka okuba nga Bungereza eyo, ng'okuyita abantu okujja okulokoka nga kiswaza. Abange! Ng'owoluganda bwe yagambye nti, "Oyinza otya okuleeta eky'ennyanja mu lyato?" Bwe kiri.

Tulina okuba na kubuulira kwa Nnjiri mu bujjuvu bwakwo, n'amaanyi ga Katonda okukikakasa ekyo okusinziira ku kisuubizo eky'omulembe ogwo n'okukakasa nti okwo ddala kusiima kwa Katonda. Wabweru w'Ekyo oli bubeezi mmemba wa kkanisa, sinsonga ogezaako kyenkana wa, ogezaako okubaako omulimu gw'okolera Katonda. Oyinza okugenda ku bubagabaga oyinza okuba omwesigwa ennyo bulijjo eri ekkanisa; naye okuggyako ng'akawulungwa ako ak'Obulamu Obutaggwaawo nga kaayawulibwa okuteekebwa mu ggwe, okubeera omwana wa Katonda ow'obuwala oba ow'obulenzi, ojja kukula ng'oli kintu ekikonzibye; naye tolibeera mwana wa Katonda owannamaddala ow'obuwala oba ow'obulenzi.

38 Bulijjo nnyumya akaboozi kange ak'empungu entonotono. Engeri omulimi gye yategekamu enkoko olumu, era yalina…Nsuubira tekijja kuwulikika ng'azzizza ogwannaggomola gye muli. Wabula omulimi yategeka enkoko, era yali…abulwako eggi limu okusobola okuba n'entegeka ennungi. Mbuusabuusa oba nga omuntu yenna wano amanyi entegeka y'amagi bw'eri, ebeeramu ameka. Wabula, mu buli ngeri, yali abulako eggi limu, okusobola okubeera n'agamala. Kale awo n'anyaga ekisu ky'empungu, yalina amagi abiri. Omulimi n'ateeka eggi wansi w'enkoko.

Empungu bwe yamaamirwa mu bukoko bwonna, kyali kinyonyi ekisesa. Yali tetegeera kukokkolya kwa nkoko, teyayogera nga…nga bwe yayagala okugiwulira nga eyogera. Enkoko n'etakulatakula awo mu luggya lw'ekyagi ky'emmere, n'eriira awo mu luggya lw'ekyagi, yo nga si mmere yaayo. Yali erabika bubi mu bukoko bwonna. Enkoko yayinzanga okukokkolya yo nga tebitegeera. Yayinzanga okugenda n'eryako kino na kiri, nga tebitegeera. Kale olunaku lumu mmami waayo, oba maama, manyanga, eri mmwe. Nze… Mu Maserengeta tugamba nti "Mammi."

Kale, mu buli ngeri, ya…maama waayo yamanya nti yalina amagi abiri, era nga limu lyokka lyelyaliwo awo, n'anoonya eddala. Yeetooloolanga mu ggwanga lyonna, era oluvannyuma n'abuukira awo mu luggya lw'ekyagi ky'emmere. N'agiraba wansi awo ng'egoberera enkoko eyo enkadde. Maama mpungu n'akaaba nti, "Junior! Toli kakoko, oli mpungu!" Ekyo kyawulikika bulungi eri mutabani mpungu. Lwaki? Yali mpungu

ekisookerwako.

39 Era omusajja oba omukazi bw'atuula wansi w'ebiyiiye n'obunnyogovu, eddiini ey'emikolo, bw'aba yateekerwateekerwa kubeera mwana wa Katonda, n'alaba Ekigambo kya Katonda nga kibuulirwa mu maanyi gaakyo, ne Katonda n'akikakasa, abeera mpungu ekisookerwako, ajja kuddukira gye kiri ddala nga bwe kiri anti ebbiri n'ebbiri ziba nnya. Aba tasobola kukyebeera kubanga, kubanga obutonde bwe bwennyini bwagala Ekigambo kya Katonda. Sifaayo kiki omuntu yenna omulala ky'agamba, bw'alaba Ekigambo kya Katonda nga kirabisiddwa, abuukira gye Kiri kubanga yali kawungu akato.

Nga bwe beeyongera okwogera, mutabani mpungu yagamba nti, "Maama, ŋŋenda kutuuka ntya waggulu okuva wano?"

N'Amuddamu nti, "Ggwe buuka bubuusi, nja kukukwata."

Ky'ekyo kyokka ky'olina okukola, kwe kubuuka, olubuuka lumu eri Katonda, ekisuubizo kimu nti, "Mukama Yesu, nkukkiriza Ggwe n'omutima gwange gwonna. Nzikiriza Obubaka bw'essaawa. Mbulaba nga bukakasiddwa, era nze mmanyi butuufu." Buuka, Maama ajja kukukwata. Teweeraliikirira, oli mpungu, ajja kubeerera ddala awo okukufuna.

40 Kaakati, tukizuula nti tuli mu kiseera eky'enkizo era ekikulu, wabula amazima ga Baibuli eno, abakkiriza bwe balabye ekyo nga kikakasibwa, okukakasibwa kwakyo kwennyini bwe bukakafu nti Katonda Akirimu. Ddala ddala olwo nga ky'Ekigambo ekyasuubizibwa, ekyo Katonda kye Yasuubiza, nga kimanyisiddwa. Ensigo eyabise, ne bagiraba era ne bagikkiriza. Abalala tebasobola kugiraba, mu ngeri emu bajja kutuula bagitunuulire.

Mumanyi, mbuulidde nnyo ekimala oku-oku…okwetooloola eggwanga lino, anti tekiteekeddwa kuba mukazi ow'enviiri ennyimpi mu ggwanga. Wabula buli mulundi, bwe nkomawo, nga waliwo bangi. Buzibu ki? Waliwo ekikyamu! Mumanyi ng'Ekigambo kigamba ekyo! Ogamba nti, "Kale, ekyo tekikola njawulo yonna." Kikola enjawulo!

41 Waliwo ow'oluganda omulungi, eyagamba nti, "Ŋŋenda kukuteekako emikono, Ow'oluganda Branham. Nkwagala. Oli mu kwonoona obuweereza bwo." N'agamba nti, "Tebikukwatako okubuulira abakazi abo ekikwata ku ekyo." N'agamba nti, "Leka abasumba bakikole."

Ne ŋŋamba nti, "N'okukikola tebakikola." Ne njogera nti, "Kaakati…"

N'anziramu nti, "Kale, si mulimu gwo, ggwe sabira busabizi abalwadde."

Ne mbuuza nti, "Mulimu gw'ani, olwo? Nnayitibwa kubuulira Njiri."

N'agamba nti, "Nja kukuteekako emikono nsabe Katonda Akikuggyeko."

Ne ŋŋamba nti, "Singa nange onganya okukuteekako emikono, naawe." Mulaba? Ne njogera nti, "Nja kusaba nti Katonda akuzibule amaaso okirabe." Kale, ekyo bwe kiri!

N'agamba nti "Oteekeddwa okubuulira…Abantu bakukkiriza okuba omuweereza, nnabbi wa Katonda." N'agamba nti, "Oteekeddwa kubasomesa abo abakazi engeri y'okufunamu ebirabo eby'amaanyi n'obunnabbi n'ebintu."

Ne ŋŋamba nti, "Nnyinza ntya okubasomesa okubala nga tebajja na kusooka kukkiriza ABC zaabwe ebisookerwako?" Mulaba? Ekyo bwe kiri. Kale tosobola kukikola. Ekyo kiri mu buli… Bwe kiri. Bw'oba tosobola kukola bintu ebya bulijjo, ogenda kukola otya eby'omwoyo? Ebintu eby'omubiri. Mazima ddala! Ow'oluganda, mwannyinaze, kiyinza okuwulikika ng'eky'olusaago, naye y'Enjiri! Ge mazima g'Enjiri. Bwe kiri!

42 Mwetegereze, olwaleero tuzuula nti abantu…Waliwo abantu bangi abatasobola kukikkiriza, n'abantu abajjuziddwa Omwoyo. Ŋŋenda kukuwaayo kimu ekijja okubakolokoota. Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu tekitegeeza nti ogenda kuyingira, yadde n'akatono, si ku ekyo, tekirina we kikwatira ku mmeeme yo. Okwo kubatizibwa, mulaba. Yiino wano emmeeme ay'omunda, wano munda, eyo erina kuva eri Katonda. Naye ate ebweru olina obusimo butaano, n'obutaano ebweru…obuyingira eri…okukwatagana n'amaka go agoku nsi. Munda, olina omwoyo, era nga munda omwo olina ebifulumya bitaano: entegeerayo, n'okwagala, n'ebirala, ebifulumya bitaano eri omwoyo ogwo. Mujjukire, mu mwoyo ogwo osobola okubatizibwa n'Omwoyo wa Katonda owannamaddala ate era n'osigala ng'obuze. Emmeeme y'ebeera ennamu, eyo eyayawulibwa Katonda.

Yesu Teyagamba nti, "Bangi balijja gye Ndi ku lunaku olwo, bagambe nti, 'Mukama, ssaagoba mizimu, ne nkola eby'amaanyi, emirimu egy'ekitalo, ne ndagula, ebirabo eby'amaanyi ebya Katonda?" N'Alyoka agamba nti, "Muve wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu, Sibamanyangako' Bangi balijja ku lunaku olwo."

43 Kayaafa teyalagula? Yali setaani. Tukizuula awo… N'abo bakabona, abo abasajja ab'amaanyi, baali

bateekeddwa kuba bakulembeze ab'amaanyi mu nnaku ezo, n'obwetoowaze nabuli kimu kyonna, wabula baalemererwa okulaba Ekigambo kya Katonda kyo kyennyini nga kirabisibwa mu maaso gaabwe.

Tusobola okumala gatwala ekibinja ku bo nnabawandiise wano wansi. Ate Balamu? Yali mu…Ogamba nti, "Katonda Akyusa endowooza Ye." Takyusangako ndowooza Ye!

Awo Balamu bwe yafuluma nga nnabbi, n'akkirira wansi eyo, omulabirizi, omubuulizi, kyonna ky'oyagala okumuyita, yali musajja w'amaanyi. Naye bwe yeebuza ku Katonda ku ky'okuserengeta emmanga eyo akolimire Israeri, ekisooka yali tabaagala, kale bwe yasaba okugenda, Katonda n'Agamba nti, "Togenda!"

Awo ne batuma ab'ebitiibwa, ekibinja, abamu oboolyawo abalabirizi oba akulira aba Pulesibeteriyani, oba ekintu ekimu, wansi, n'agamba, n'obuyigirize obukirawo, okumusendasenda. Yaddayo n'asaba Katonda nate. Tolina kusaba Katonda mulundi gwa kubiri! Katonda bw'Akyogera omulundi ogusooka, ky'ekyo! Tolina kulinda kintu kyonna.

Lebbeeka teyalinda kufuna kiragiro kya kubiri. Baamubuuza, nti, "Onaagenda?'

"Leka ayanukule."

N'agamba nti, "Nja kugenda!" Yali aluŋŋamiziddwa ddala Katonda. N'afuuka omu ku bannaabakyala ba Baibuli olw'okukolera ku ntunnunsi ez'Omwoyo wa Katonda Eyamutambulirako okufuna ago agaali amazima ddala, n'akikkiriza.

44 Kaakati tuzuula, Balamu, mazima, yali tayinza kulaba. Yafuluma ebweru n'atunuulira abantu, n'agamba nti, "Kaakati, akadakiika! Tuli bantu b'amaanyi engulu eno, mmwe muli kibinja ekyesuddesudde." Mulaba? "Era ffenna-ffena tukkiriza Katonda y'Omu."

Ekyo kituufu. Bonna bakkiriza Katonda y'Omu. Bonna basinza Yakuwa. Mutunuulire ssaddaaka ya Balamu: ebyoto musanvu, omuwendo gwa Katonda ogutuukiridde; amakanisa musanvu; mulaba; endiga ensajja musanvu, nga byogera ku kujja kwa Mukama. Mu mateeka, yali w'amateeka nga Musa bwe yali; wabula, mulaba, tewaaliwo kukakasibwa Kwabwakatonda. Munda eyo, bombiriri baali bannabbi.

Wabula wansi w'obuweereza bwa Musa, waaliwo Empagi y'Omuliro ey'Obwakatonda, Ekitangaala ekyewuubiranga ku lusiisira. Waaliwo okuwonyezebwa kw'Obwakatonda, waaliwo okuleekaana kwa Kabaka mu lusiisira, obubonero obw'amaanyi, okuwonyezebwa kw'Obwakatonda, n'ebyewuunyo n'ebintu nga bikoleddwa mu bo. Kaali kabonero ka Katonda omulamu mu bantu Be.

Mu mateeka, bombiriri baali batuufu. Ne Balamu n'agezaako okusendasenda abantu, n'abaloga okukiyingiramu. Ddi? Nga tebannatuuka mu nsi ensuubize. Olunaku olulala oba bbiri, baali mu nsi nsuubize.

45 Naye kaakati ntidde… Kano kabonero k'amaanyi okukola, ezimu ku nnaku zino nja kukubibwa amasasi olw'ekyo. Naye mujjukire kino, nti, amakanisa galogeddwa Olukiiko olutaba amakanisa, lukibayingizzaamu butereevu, okugamba nti, "Muli ekibinja ky'ekimu." Temuli kibinja ky'ekimu! Mufulume mu kintu ekyo era mweyawule! Mazima bwe kiri, Kituufu. Tuli baakuva ku kintu ekyo, nga bwe kisoboka.

Balamu yagamba nti, "Tuli…leka abaana baffe bawasaŋŋane, kasita, tukkiriza Katonda y'Omu."

"Ababiri basobola batya okutambulira awamu okuggyako nga bakkaanyizza?" Oyinza otya okutambula ne Katonda okuggyako nga okkiriziganyizza n'Ekigambo Kye? Oyinza otya okukigattikamu ebiyiiye n'ebirala, nga tewayawulibwa kukikola, oba nga tewalagirwa kukikola? Tosobola kukikola. Tewaliiwo ngeri yaakukikolamu muganda wange mwannyinaze. Tosobola kutabulatabula kizimbulukusa ekyo n'ekitali kizimbulukusa. Amafuta n'amazzi tebijja kwetabika. Ekizikiza n'ekitangaala tebijja kwetabula. Ekitangaala ky'amaanyi nnyo, kigoba bugobi ekizikiza.

46 Kale nno tetusobola kwetabika wamu. Wadde ggwe okutabula ekibi n'ensi awamu. Tosobola kutabika wamu Kkanisa na kibiina kya ddiini. Tosobola kutabika Kkanisa na kiyiiye wamu. Tosobola kutabiikkiriza nsi na Njiri wamu. Tebijja kwetabika! "Mubafulumemu, mweyawule," bw'ayogera Katonda nti, "Nja kubasembeza Nze kennyini. Mujja kuba baana bange ab'obuwala n'abobulenzi, nja kubeera Katonda gye muli." Tetusobola kukikola okutuusa ebintu bino nga birabisiddwa, n'Ekigambo kya Katonda eky'essaawa nga kikakasiddwa okuba Amazima. Goberera obubonero bw'ebigere.

47 Pentekoote, y'ensonga lwaki Luther yafiirwa obubaka bwe. Y'eyo engeri Wesley gye yafiirwamu obubaka bwe. Mulaba, singa ekkanisa ya Wesley yali yeeyongeddeyo mu maaso, be bandibadde Abapentekoote. Singa Abaluzalaani beeyongerayo mu maaso, be bandibadde Abamesodisiti. Mulaba? Kaakati singa Abapentekoote beeyongera mu maaso, be bajja okuba Omugole. Singa weekumira emabega ne weeyongera okudda emabega mu nsi nga bw'oli mu kugenda kaakano, ojja kubula! Kijja kuba kisusunku kyokka, na kikolo kya ŋŋano by'ebijja okwokebwa. Ekyo tukimanyi. Ajja kukuŋŋaanya Eŋŋano Ye mu tterekero. Wabula ebikuta Ajja kubyokya n'omuliro ogutazikira, newankubadde nga kyali kyetissi. Mazima kyagyetikka. Wabula Obulamu bwakyabulira amangu ddala ng'efuuse ekikoola, ne yeeyongerayo

okubaako ky'ekola ekirala okutuusa ng'etuuse ku kigera kyayo ekijjuvu.

Kale bw'etyo Ekkanisa bw'ejja okuyita mu kuggibwako omusango, okutukuzibwa, Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu (okuzzibwawo kw'ebirabo), okutuukira ddala mu kifaananyi kya Kristo ekikoleddwa. Kristo ye Mugole kawasa, Ekkanisa ye Mugole, n'Omugole kitundu ku Mugole kawasa. Ejja kuba erina okuba Ekkanisa ya Kigambo, si kkanisa ya kibiina kya ddiini. Ejja kuba Kkanisa ya Kigambo, Ekigambo ekimanyisiddwa, era, ng'erina Ekigambo kya Katonda ekikakasiddwa.

48 Balaamu, teyayinza kulaba njawulo. Bangi tebasobola kugiraba.

Falaawo teyasobola kugiraba, newankubadde kyakakasibwa butereevu mu maaso ge.

Dasani teyayinza kukiraba. Dasani yafulumayo eyo, n'alaba Musa n'amumanya. Yafuluma ebweru eyo, n'agamba nti, "Ogezaako okulowooza ggwe wekka mu kibinja. Ekibiina kyonna kitukuvu!" Katonda Takolangako bw'Atyo. Ateekeddwa okuba nga yali amanyi ekisinga ku ekyo. N'agamba nti, "Kale, ekibiina kyonna kitukuvu. Ogezaako okwefuula…" Singa tukyogera olwaleero, enjogera yoku luguudo nti, "Omuntu yekka ow'enkizo ddala."

Era Musa yamanya nti Katonda Amutumye emmanga eyo olw'ekyo. Yagamba bugambi nti, "Mukama…" n'agwa mu mulyango gw'ekkuŋŋaaniro.

Katonda n'agamba nti, "Mweyawuleko." N'Abamira.

49 Era mujjukire, ekibi Israeri kye yakola (olwa Balamu okugamba nti, Bonna be bamu."), ekibi ekyo Israeri tekigisonyiyibwanga. Era mulabeeyo, leka mbaweeyo omuwendo ogw'enkukunula; ku bukadde obubiri abaava e Misiri, babiri kubo be baayingira mu nsi ensuubize. Buli omu ku bo nga balya ekintu ky'ekimu, bonna baazinira mu mwoyo, bonna baalina bye bafaanaganya; wabula bwe kyatuuka ku kiseera eky'okweyawula, Ekigambo kye kyayawula. Bwe kityo bwe kiri olwaleero! Ekigambo kye kyawula! Ekiseera bwe kyatuuka, yabuuza nti, "Lwaki, wano, tuli…"

Bisembereganye nnyo, mulabeeyo, Baibuli egamba nti, "Mu nnaku ezisembayo emyoyo ebiri," Matayo 24:24, nti, "gijja kuba nga gisemberaganye nnyo, n'okulimba n'Abalonde bennyini balimbibwe oba nga kiyinzika." Ekisusunku kifaananira ddala ng'eŋŋano, naye si y'eŋŋano. Mulaba? Si y'eŋŋano, wabula kifaananira ddala nga yo. Mulaba? Nga bisembereganye, gulimbe n'Abalonde bennyini. Mwakola ekibiina ky'ediini ne mugwira mu kibiina ky'eddiini ekyo, ne mumala ne mufa, ne ŋŋano n'etambula okweyongerayo okuyitiramu…Mulaba? Ekyo kituufu ddala! Kyetissi, wabula si y'eŋŋano.

Mujjukire, eŋŋano egenda bugenzi mu maaso. Mu kuzuukira ago gonna amaanyi g'eŋŋano gajja kwambukira ddala mu ŋŋano, nga bwe gagenda okukola omutwe, okufulumayo okujja mu kuzuukira okukulu. Tesonyiyibwanga!

50 Leka tuyimirireko kko wano akaseera. Nsuubira ssoogera bibennyamiza. Naye, mulabeeyo, leka mbeeko kye mbasaba. Leka tumale gatwala ekyo. Tugambe, okugeza, singa okubala kuno kuba kutuufu. Awo ng'enkwaso okuva mu kisajja n'ekikazi ezze, bwe muba nga mumanyi obucupa mwe bagezesereza, oba-oba mwe bakolera maleeto w'ente n'ebirala, mujja kusanga nti amazzi agava mu nsajja gafulumya obuwulungwa nga bukadde. Era n'amazzi agava mu nkazi gafulumya amagi bukadde. Wabula mubadde mukimanyi nti waliwo limu lyokka eriba eggimu? Obwo obuyana obuto, oba kyonna kye buli, mu bukadde bw'obuwulungwa buno, akakadde k'obuwulungwa, wajja kubaawo akawulungwa kamu kokka akajja okwemulula ku obwo obuwulungwa obulala kagende kazuule eryo eggi eggimu keewalule okuliyingiramu, era obulala bufe. Kamu ke kaayawulibwa olw'obulamu, obulala tebwayawulibwa, yadde nga bwonna bwe bumu. Kamu mu kakadde!

Watya nga kiri kityo ekiro kya leero? Waliwo Abakristaayo, ndowooza, bateekeddwa okuba obukadde bitaano mu nsi, omuwendo bwe gutyo, omuwendo ogwekuusiza awo. Singa Okukwakkulibwa kujja olwaleero, mu balamu abagenda, wandibaddewo abantu ebikumi bitaano. Kale, waliwo bangi abo ababula olunaku lwonna, kyenkana, abo be batasobola kubalirira. Omugole ajja kutwalibwa era tuyinza okwewuunya kikwataka ku ki; era ng'abantu bagenda mu maaso n'okubuulira, nga bagamba "bafuna kino, ekyo ne kiri," era mulabeeyo bulimba ki obwo bwe bwandibadde. Njogera nti singa kibeera ekyo: Sigamba nti bwe kiri, Simanyi, ekyo sikirinaako buyinza. Katonda ye Mulamuzi w'ekyo. Wabula mulabeeyo nga bwe kiyinza okutuukawo mu ngeri ennyangu, mu miwendo gyonna n'ebintu, engeri gye kiyinza okukakasibwamu.

51 Lwaki Koola Ekyo teyakiraba? Lwaki Ekyo Dasani teyakiraba?

Lwaki Akabu teyakiraba? Awo Akabu…Awo Yekosofaati bwe yaserengeta eri Akabu, yagamba nti, "Akabu, tuli mu buzibu. Okimanyi nga Katonda Yatuwa ensi eno? Yoswa yagigabanyaamu. Okimanyi nti ekitundu ky'ettaka lino engulu eno ekyo Abasuuli kye baanyaga, lyali ttaka lyaffe eryo?" "Yee!"

"Abaana baffe balumwa enjala, n'Abasuuli (balabe baffe) baliisa abaana baabwe, nga bajjuza embuto

zaabwe n'eŋŋano eteekeddwa okubeera eyaffe." Ekyo mu Byawandiikibwa kituufu ddala. Nti, "Onannyamba okwambuka engulu eyo eryo tulibaggyeko?"

Kaakati, ebiseera ebimu omuntu omulungi ng'asikiriziddwa omubi ajja kuwanika. Kisingako mwegendereze, kkanisa, mwegenderereze ddala.

52 Kaakati, ekisooka ky'oba omanya, Yekosofaati, olw'okuba omuntu ow'eddiini ennyo, yagamba nti, "Kale, tuteekeddwa okwambukayo, mu butuufu, amagaali gaffe, ffenna tuli abantu be bamu." Wabula tebaali ky'ekimu! Nedda! Yagamba nti, "Kale, amagaali gaffe ge magaali gammwe, abantu baffe be bantu bammwe. Mazima, tujja kugenda." Yagamba nti, "Naye leka tusooke twebuuze ku Mukama."

Kale n'agamba nti, "Oh…" (Akabu) "…kale, tewali kubuusabuusa, tuteekeddwa okuba ekyo nga twakirowoozezzaako. Kale, tujja…"

"Waliwo nnabbi wa Mukama?"

N'agamba nti, "Nnina Seminaaliyo ejjudde. Nninawo ebikumi bina wansi eno, abasingayo abaliwo. Bonna balina zi diguli za Ph.D., L.L.D., zi L.D. zaabwe ez'emirundi ebiri, na buli kimu ekirala ekigenda nazo. Buli omu…" Kaakati mujjukire, baali bannabbi Abaebbulaniya, okuva ku ssomero lya bannabbi.

N'agamba nti, "Mubaleete wano, leka tubawulirize."

53 Kaakati, nzikiriza yali Zeddekiya (eyali omukulembeze ku omulabirizi, ku bonna) n'ajja waggulu awo, era yalina okuluŋŋamizibwa. Yalina okuluŋŋamizibwa, ddala ddala. Yajja waggulu awo, ne yeekolera amayembe amanene abiri ag'ekyuma. N'agamba nti, "Omanyi, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Ogenda kutwala amayembe gano osindiikirize Abasuuli okutuuka nga bavudde mu ggwanga.'"

Kale, abalala bonna baalagula nti, "Ekyo kituufu ddala!" Buli omu ku bo, seminaaliyo yonna, nga bakkaanyizza. Mulaba?

Akabu n'agamba nti, "Okirabye?"

Yekosofaati, olw'okuba nga wa mwoyo, nga bwe mumanyi, yali tannakalambala yenna, n'agamba nti, "Naye tewaliiyo mulala awantu awamu, gwe tusobola okwebuuzaako?"

"Kiki ky'oyagala okwebuuza ku balala, ng'olukiiko lwonna olutaba amakanisa (Olukiiko lwonna), nga lugambye nti tekirina buzibu?" (Nsonyiwa, mulaba.) "Ekintu kyonna ne kigamba nti, 'Ekyo kye tuteekeddwa okukola.'" Mulaba? '"Ky'ekyo kye tuteekeddwa okukola."'

N'abuuza nti, "Naye tewaliiwo mulala awantu awamu?" Oyo ow'enjawulo, nga bwe mumanyi.

N'agamba nti, "Yee, waali. Waliwo omu, Mikaaya mutabani wa Imula, naye mmukyawa." Bulijjo bwe kityo. "Mmukyawa kubanga bulijjo aboggolera abantu baffe, nga ankolimira, n'okunjogerako ebibi ebyereere. Omusajja mmukyawa!"

Kye yava agamba nti, "Ah, kabaka aleke kwogera bw'atyo." N'ayogera nti "Mugende mumuleete."

54 Kale ne bagendayo eri mutabani wa Imula, abamu ku balabirizi, oba abamu ku bakadde, ne bagendayo, "Kaakati, wuliriza, oyagala okukomawo mu kibiina nate? Yogera ekintu ky'ekimu ekyo kye boogera, bajja kukuzza."

Wabula kyatuukawo okuba nti Katonda Yalina omusajja gwe bataayinza kuteekako mikono gyabwe; Katonda Yali Amutaddeko emikono Gye. Ye yali alabisa Amazima ga Katonda. N'agamba nti, "Mazima," "Nja kuserengeta, wabula nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'Ateeka mu kamwa kange." Wuuyo awo omusajja wa Katonda. Yagamba nti, "Mumpeeyo ekiro kimu." Kale ekiro ne kijja, ne Mukama n'Ayogera ne nnabbi, omuntu omutono atalina ky'ali. Ekisooka ky'oba omanya, yavaayo ekiro ekyaddako. N'abuuza nti, "Kiki ekikiriko, Imula?"

N'agamba nti, "Genda mu maaso," nti, "naye nnalabye Israeri ng'esaasaanye ng'endiga ku kasozi, nga tezirina musumba."

Kye yava ayogera nti, "Kiki kye nnakugambye! Kiki kye nnakikugambyeko!" N'agamba…

55 Awo omulabirizi omunene n'asembera n'amupacca oluyi ku mumwa, n'agamba nti, "Omwoyo wa Katonda Yakutte wa? Kubanga mmanyi nnalina Omwoyo; nnazinira mu mwoyo, nnakola ebintu bino byonna. Mulaba, nze-nze nnalina Omwoyo ku nze. Yalaze wa?"

Kaakati, mulaba, Imula olw'okuba nga mwana wa Katonda, oba nnabbi wa Katonda owannamaddala, yeekebejja okwolesebwa kwe n'Ekigambo. Bwe kuba nga tekwali na Kigambo, kukyamu. Mulaba? Ekigambo eky'essaawa eyo, mulaba. Kaakati, yayogerera mu kyawandiikibwa, ettaka lyabwe, ettaka lyali lyabwe. Mu Kyawandiikibwa, buli kimu kyalabika okuba ekituufu wabula ekintu kimu.

Mujjukire, kyali Ekigambo kimu kye kyaleetera akavuyo konna okujja, Kaawa bw'atakkiriza Ekigambo kya Katonda ekimu; mu Baibuli eyasooka, Ekigambo kimu kyaleeta omutawaana. Yesu, n'Ajja wakati wa Baibuli, n'Agamba nti, "Omuntu anaabeeranga mulamu lwa buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda," Ku nkomerero ya Baibuli, n'Agamba nti, "Buli anaatoolako Ekigambo oba okukigattako ekigambo ekimu."

56 Si kitundu ku Njiri…Abamesodisiti balina ekitundu, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, n'abalala, balina ekitundu ku Kyo, Abakatuliki balina kitundu ku Kyo, Abajulirwa ba Yakuwa, n'abalala bonna.

Wabula ky'Ekigambo ekijjuvu, Ekigambo kyonna, Ekigambo ky'essaawa, ky'ekikola amakulu. Era tetulikikola okutuusa nga Katonda Afuse amafuta ku nnabbi asobola okuyimirira n'akyogera, n'akikakasa nti kituufu. Kijja kusimattuka kiyite ku bantu, tebalikimanya, nga bulijjo bwe kibaddenga.

Bakatoliki mmwe, nga Joan of Arc, mwamwokya omuliro nga mulamu olw'okubeera omulogo; oluvannyuma mwasimayo egyo emibiri gya bakabona, nga wayise emyaka ebikumi bibiri, ne mugisuula mu nnyanja. Temwamanya Mutukuvu Patrick n'abalala ku bo.

Kijja kuyita mu mikono gyammwe nate, ekintu ekisooka kye muba mumanya. Katonda Ajja kukikola, n'okumanya temujja kumanya nti kikoleddwa. Mulaba, Ajja kwesolossa bwe solossaamu Afune Omugole We Amutwale waggulu, Amubbewo okumutwala, Mwennyini mu masekkati g'abantu.

57 Tukizuula nti, Mikaaya ono omuto yagamba nti yeekkenneenya, yamanya nti Katonda Yali ayogedde, okuyita mu nnabbi omutuufu bwe yali tannajja. Nnabbi eyamusooka, kiki kye yagamba? Yayogera kino nti, "Akabu, kubanga wayiwa abatukuvu, manyanga omusaayi gw'omutukuvu Nabosi, embwa zijja kukomba omusaayi gwo naawe, ne Yezebbeeri." Era ky'ekyo kyennyini, ky'alina okutuukawo kubanga Katonda Yakyogera. Nnabbi oyo yali ayinza atya okulagula ebirungi ku kyo ate nga bwali bubi nga bwe bukiriko?

Nnyinza ntya okugamba Omulembe gw'Ekkanisa guno ogwa Lawodikiya ebirungi nga Katonda Agwogeddeko bubi? Oli bwereere, Omunaku! Ogamba nti, "Ndi mugagga, nnina ebisingawo…nnina amakanisa ng'Abamesodisiti, n'Ababaputisiti n'Abapulesibeteriyani. Nnina kino, nnina ekyo; kino ekisinga, ekyo ne kiri." Ekyo kituufu, wabula nga tokimanyi nti oli bwereere, omuzibe w'amaaso, omunaku, eri ekintu ekyannamaddala Katonda ky'Alabisa. Kijja kukuyitako buyisi, bwe kityo, nga kifuluma ebweru. Mulaba? Mukkirize, abantu, nga tebunnayita nnyo.

58 Kaakati, tuzuula nga yamupacca oluyi ku mumwa, n'agamba nti, "Kkubo ki Omwoyo wa Mukama we…?"

Mikaaya n'agamba nti, "Nnalabye Katonda ng'Atudde ku Ntebe ey'Obwakabaka. Ne bonna…Yayise olukiiko lw'omu Ggulu, n'agamba nti, 'Ani gwe tuyinza okufuna okutugendera okusendasenda Akabu?" N'agamba nti, "Era awo omuzimu gumu omulimba ne gwesowolayo ne gugwa mu maaso ga Katonda; omulimba." Era mujjukire, omuzimu ogwo omulimba gwayingira mu bannabbi abo, bateekeddwa okuba nga baamanya ku olwo nti omwoyo ogwabaliko tegwali kusinziira ku Kigambo. Wabula baali baatwaliriziddwa nnyo kubanga baali bannabbi ba kabaka, olw'okuba baalina buli kimu nga kiri bulungi.

59 Era ky'ekyo ekkanisa ky'ekoze olwaleero. Ovudde ku bumanyirivu obwo obw'enkola enkadde bwe walina emyaka egiyise bwe wayimirira ku nsonda y'oluguudo n'obuulira Enjiri. Mufulume ebibiina ebyo ne mweyita "abantu ab'eddembe" (Hee!) kubanga muzingiddwa mu kyo nate, ng'embizzi mu bisooto oba embwa ku bisesemye byayo. Bwe kiba nga kyagisesemya omulundi ogwasooka, kijja kugisesemya nate. Ekyo bwe kiri! Katonda Yakusesema okuva mu kamwa Ke, Yagamba nti, "Oli wa kibuguumirize, tobuguma so tonnyogoga."; mubaayo kko n'enkuŋŋaana entonotono, awo ne muzannyayo ennyimba entonotono, era-era ne muyimbayo katonotono, awo, nga ddala…kyenkana kifuuse kya nsonyi eri Obukristaayo.

Mutabani wange yankubidde olunaku lwa luli okutunula ku ttivi, bateekeddwa okuba nga baali ba Singing Bee awo abantu we bajjira. Ekibinja ky'abayaaye ba Ricky nga bayimiridde awo, nga banyenya nga benyiigootola era nga bayimba obwo obuyimba, kya nsonyi eri Yesu Kristo! Tewakyaliwo kitiibwa mu kkanisa n'akamu. Kirabika kyonna kifuuse kintu kya kwenyiigootola, n'okwolesa kw'emisono, mu kifo ky'Ekkanisa ya Katonda omulamu awo Yesu Kristo w'Asobolera okwerabisiza mu maanyi. Bwe kindabikira, waliwo ekikyamu awantu awamu. Bali mu kukivaako. Ne Baibuli yagamba nti kijja kuba bwe kityo. Mulaba? Mulabe wa we muli. Mwegendereze, muzuukuke nga tebunnayita nnyo.

60 Kaakati tuzuula, Yabuuza nti, "Ani gwe tuyinza okufuna n'atugendera asendensende Akabu, okwambukayo engulu eyo okutuukiriza ebigambo bya nnabbi ebyo?" Mulaba, nnabbi bw'aba yayogera Ekigambo, eggulu n'ensi biriggwaawo wabula Kyo tekisobola kulemererwa. Kirina okutuukirira. Kale ekyo, ky'alina okutuukawo.

N'alyoka ayogera nti, "Omusajja ono mumuteeke mu kkomera eryomunda, mumuliise emmere ey'ennaku n'amazzi ag'ennaku. Bwe nnaakomawo mu mirembe, nja kumukwasaganya."

Mikaaya n'ayimirira butengerera, ng'amanyi nti yalina Omwoyo wa Katonda. Obunnabbi bwe, okwolesebwa kwe kwali kutuufu. Obubaka bwe bwali butuufu,'kubanga bwali BW'ATI BW'AYOGERA

MUKAMA okuva mu kwolesebwa, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA okuva ku Kigambo. Kyalina okuba ekituufu, kyali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yagamba nti, "Bw'okomangawo, Katonda nga Tayogerangako nange." Era mumanyi kiki ekyatuukawo, mazima. Mulaba, mu…

Okitegeera, ow'oluganda. Wuliriza.

61 Mu butuufu, Kayaafa, yali tayinza kukiraba. Lwaki teyatunula wansi…? Yali mulabirizi, yali paapa ow'amakanisa gonna awamu. Lwaki omusajja oyo teyalaba Yesu ng'Ayimiridde awo? Lwaki teyategeera? Bwe baali bayimba zabbuli eya 23, zabbuli eya 22 manyanga, mu kkanisa, era nti, "Katonda Wange, Katonda Wange, kiki ekikundesezza?" era nga wuuyo awo Yeewuubira ku musaalaba. Ebyawandiikibwa byennyini, Katonda Yennyini gwe baali basinza, baali bamusalidde omusango era nga bamusse olw'okuba mbu "omuzoole." Kiikyo awo.

Kiyinza okukuwuniikiriza singa nkugamba nti ekyo kinaatera okuddamu nate. Baibuli egamba nti Yali wabweru ng'agezaako okukonkona okuyingira, tewali muntu yenna asobola kumuganya Ye kuyingira anti, "Oyo gwe Njagala Mmukangavvula era Mmunenya, Mmubonereza, Mmukunkumula wansi, naye kiri lwakuba Mmwagala. Ggulawo oŋŋanye Nnyingire." Weewaawo. Tayinza…" Mujjukire, Nnali ssaagala kuyingira mu kkanisa; ye ye, omuntu ssekinnoomu." Teyayinza kuyingira kkanisa, Yali aggaliddwa ebweru. Kyokka…awo, ekibiina kyokka mu byo byonna, gwe guno omulembe gw'ekkanisa, gwe Yali ebweru w'ekkanisa. Ng'afulumiziddwa ebweru! Ng'Agaaniddwa! Nga bamusambazze! Kubanga…Yali Alabisiddwako katonotono mu makanisa amalala, mu ngeri y'okuggibwako omusango, n'ebirala; wabula munda wano, omulembe ogujja kaakano, kwe kulabisibwa okujjuvu okw'okukakasibwa okwa Yesu Kristo Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Oh, nja kukkiriza tulina abageegeenyi bangi, wabula weekebejjje eyasooka, nnakabala.

62 Musa yaserengeta wansi n'amateeka ga Katonda, okununula Israeri; era bwe yakikola, yakolayo kko eby'amagero ebimu. Abageegeenya ne bamugoberera. Singa be baali basoose, ye yandibadde omugeegeenya. Mulaba, yalina Ekigambo kya Mukama, ne Mukama n'Akakasa; ne yeetuulira n'akkalira.

Era, nga bwe mumanyi, ekintu ky'ekimu ekyo kisuubiziddwa mu nnaku ez'oluvannyuma? "Nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa, bwe kityo ne bano abasajja abaayonooneka amagezi gaabwe agakwata ku Mazima." Era awo ekibiina bwe kikuuma e…ne kiserengesa omuntu okuyitira mu kibiina ekyo, kiraga nti tekyava eri Katonda; kubanga, Katonda Akola ebintu ebyo okusikiriza endowooza z'abantu, era awo Obubaka ne bukigoberera. Bwe kitaba kityo, awo nga si ye Katonda. Si ye Katonda! Katonda bulijjo ekyo Akikola.

Yuda teyayinza kukitegeera. Yatambulira ddala Naye, teyakiraba.

63 Naye abo abaayawulibwa Katonda abannamaddala, entabaluganda eyo eyannamaddala, akawulungwa akannamaddala, emmeeme ya Katonda eyali mu Katonda nga n'emisingi gy'ensi teginnabaawo; mujjukire, mwe abalina ddala Omwoyo wa Katonda mu mmwe ekiro kya leero, mwali wano mu Kristo kubanga ye Yali obujjuvu bw'Ekigambo. Ye Yali obujjuvu bw'obulamba bwa Katonda mu mubiri. Katonda Yali mu Kristo, ng'Atabaganya ensi gy'Ali Ye. Ekyo mukikkiriza? Mulabeeyo, Yali mu Kristo. Awo bw'oba wali mu Katonda, entabaluganda, ekigambo, embala okuva ku lubereberye, olwo watambula Naye wano ku nsi, wayogera Naye ku nsi, wabonaabona Naye ku nsi, wafa Naye e Kalivaaliyo, era wazuukira Naye nate; era kaakano otudde mu bifo ebyomu Ggulu mu Kristo Yesu, nga otabagana Naye (Ekigambo) nga bwe kiyingira emmeeme yo, nti, "Omuntu anaabeeranga mulamu lwa buli Kigambo ekiva."

Si ekigambo kya Mesodisiti, ekigambo kya Baputisit; mujjukire bwe waabangawo amawolu agaasigalangawo aga ssaddaaka, gaalina okwokebwa ng'obudde tebunnakya, kubanga enkya mulembe mulala ogw'ekkanisa. Bwe kiri ekyo? Okuva, kituufu. Akabonero ekifaananyi kya Ssaddaaka.

64 Oluggi. Yagamba nti, "Nja kukola ekifo kimu. To…Temunsizirizenga mu buli mulyango gwe mbawa; wabula waliwo Omulyango gumu, era mu Mulyango ogwo mwe Nnaatuuza Erinnya Lyange." Era awo Mukama w'Ateeka Erinnya Lye, ekyo ky'ekifo Katonda w'Ajja okusembereza ssaddaaka yo. Tukoze buli kika kya miryango. Katonda Yakola Omulyango, era nga Omulyango ogwo gwali…Omutukuvu Yokaana essuula eye 10 Yesu Yagamba nti, "Nze Mulyango ogwo."

Katonda Yateeka Erinnya Lye mu Yesu. Ekyo okikkiriza? Ye Yali Omwana wa Katonda. Buli mwana ow'obulenzi ajjira mu linnya lya kitaawe. Yagamba nti, "Nzijidde mu Linnya lya Kitange, ne mutansembeza Nze." Nnajjira mu linnya lya Kitange, ojjira mu linnya lya kitaawo. Yesu Yajjira mu Linnya lya Kitaawe, kale Erinnya lya Kitaawe ye Yesu; ddala ddala, kuba Yajjira mu Linnya lya Kitaawe.

"Ne mutansembeza Nze. Omulala bw'anajja, ate ye mujja kumusembeza." Mujja kutwala ebibiina by'eddiini byammwe mweyongereyo nabo. Mugende bugenzi mu maaso, Baibuli bw'egamba anti, "Baayimusibwa okutuukiriza ekifo kino. Abazibe, abali obwereere, so nga tebakimanyi." Ekkanisa, eddiini, oh, nga bakuukuutivu nnyo mu ddiini, nga Kayini bwe yali; mu kukola ssaddaaka, okukola buli kimu mu ngeri y'emu nga Abiri bwe yakola. Naye okuyita mu kubikkulirwa kyamubikkulirwa ssaakalamento kiki kye

yali, si bibala bya nnimiro n'ekintu ekimu ky'okola n'emikono gyo.

Omukkiriza asobola okulaba Ekigambo nga kyambadde omubiri; omulala tasobola kukiraba.

65 Bonna Abaisraeri, oluvannyuma nga bamaze okulaba Musa ng'akola ekyo n'abaleeta eri olukiiko olw'amaanyi, eyo gye lw'alina okuba, buli omu ku bo n'agamba nti, "Tujja kugenda ne Balamu, kubanga tulowooza Dokita Balamu mutuufu. Mugezimu kko, yayigirizibwa okusingawo kko, buli kimu, kale tujja kumala gakitwala.

Ne Katonda Tabasonyiwanga, Yabazikiririzaawo awo mu ddungu. Ne Yesu n'agamba, Ye Mwennyini nti, "Tebalijja, tewali n'omu kubo yalokolebwa." Yesu Yagamba…

Baagamba nti, "Bakitaffe baalya emmanu mu ddungu okumala emyaka amakumi ana."

N'agamba nti, "Buli omu ku bo yafa, okweyawulira ddala okuva ku Katonda. Buli omu ku bo yafa," Mazima ddala! Kubanga baawuliriza ensobi. Awo Musa, eyakakasibwa wa Katonda, era omukulembeze okubalaga ekkubo ery'ensi ensuubize, era baali batuukidde ddala wala, nate ate tebaayinza kweyongerayo naye.

Kaakati, abakkiriza basobola okukiraba, wabula abatakkiriza tebasobola kukiraba Ekyo nga kikakasibwa.

66 Labayo engeri Kayaafa gye yalimu munnaddiini omukuukutivu. Tunuulira ku ngeri bonna abo bakabona gye baalimu bannaddiini abakuukuutivu. Ne Yesu n'Akyuka, n'agamba nti, "Muli ba kitammwe setaani, n'emirimu gye mujja kugikola."

Wabula waaliwo abakkiriza abatonotono nga batudde awo. Olowooza abo abayigirizwa baakitegeera Yesu bwe Yagamba nti, "Nze ne Kitange tuli omu"? Tebandikinnyonnyodde. Bwe Yagamba nti, "Okuggyako nga mulidde omubiri gw'Omwana w'omuntu, ne munywa Omusaayi Gwe, temulina Bulamu," Bandikinnyonnyodde? Nedda. Wabula baakikkiriza, kubanga baalaba Katonda ng'Akakasibwa era ng'Afuulibwa omubiri.

67 Yesu Yagamba nti, "Bwe sikola mirimu gya Kitange, awo temunzikiriza Nze. Wabula bwe nkola emirimu gya Kitange, Ekigambo ekyandagulwako Nze okukola, awo mu…Bwe muba temusobola kunzikiriza Nze, mukkirize emirimu gye nkola, musobole okulokolebwa." Mulaba? Yesu Yagamba nti, "Endiga zange zimmanyi Eddoboozi Lyange. Zimanyi Ekigambo Kyange, zikiraba nga kikakasiddwa olw'omulembe ogwo."

"Kale, Kayaafa naye yamanya Ekigambo!" Naye si Ekigambo ky'omulembe ogwo. Yalina Kigambo eky'ekyo Abafalisaayo kye baali bamuyingizzaamu, wabula si Kigambo ky'essaawa ekikakasiddwa.

"Zimanyi Eddoboozi Lyange, zimanyi akabonero Kange, zimanyi Ekyewuunyo Kyange." Engeri kaakano, oku…

Oh, Leka tudde ku mutwe gwaffe, kubanga tugenda kusubwa bingi ku Byawandiikibwa bino bwe tutakikola, kubanga nnina okumaliriza mu ddakiika entonotono eziddako, mu buli ngeri, kubanga zigenda kuwera essaawa nnya mu ddakiika entonotono. Mmwagala Ye.

68 Mikwano, bantu mmwe abatambulidde mu lukuubo olwo ne muteeka ekiweebwayo ekyo munda omwo akaseera akayise; abantu abaliisizza abaana bange, abaabambazza; abantu abantaddemu ssente zammwe (ekyo kye mwafunye) mu kibbo ky'ekiweebwayo, mumanyi wa ekyo gye kiraga? Ekyo kinnyamba okuntwala emitala w'amayanja eri abakaafiiri abatawulirangako kintu kyonna ku Katonda. Ky'ekyo kye nkikozesa, buli kinusu, Katonda ye Mulamuzi wange. Wuuno wano omu ku ba…omusajja atudde wano kaakano ali mu-mu ggwanika ly'ekkanisa yange. Nfuna ddoola kikumi mu wiiki ky'ekyo; endala zigenda mu kuwagira nkuŋŋaana za mitala w'amayanja eyo gye batasobola kujja.

Amakanisa tegajja kunsembeza. Teganjagala. Nedda. Ekyo kituufu! Kaakati ganjogerako: "Mu…" Bagamba nti, "Oyo wa 'Yesu Yekka,' oba ali kintu bwe kityo, oba enzikiriza enkyamu, ey'obuzoole, na byonna ebiringa ebyo, Yezebbeeri." Era ntu-ntunuulira ekyo, kye baayita Mukama wange nti," Yezebbeeri," ne bamuyita…si Yezebbeeri, wabula "Beeruzebuli." Baamuyita ago gonna amannya amabi. "Bwe kiba nga Mukama w'ennyumba baamuyita 'Beeruzebuli,' kinaasingawo kitya bwe banaabayita abo abayigirizwa Be?" Kale ekyo tekikola njawulo yonna.

Era ggwe mwennyini, olw'obuyambi bwa Katonda, olowooza nnyinza okuyimirira waggulu wano, munnanfuusi ow'ekitalo, ne mbaako kye nkugamba…? Oba, ssandigwiridde ddala mu lunyiriri olw'ekintu kye ndowooza nga kyava wa Katonda?

69 Wabula bwe mba mbaagala nga mmanyi Amazima…Mwali mumpuliddeko nga njogera ekintu kyonna mu Linnya lya Mukama wabula ekyo ekituukawo? Nedda. Mbuuza omuntu yenna. Waliwo enkumi n'enkumi z'ebintu eby'ogeddwa, byonna bituukirira. Mujjukira ekiseera ekyo awo Samwiri bwe yayitibwayo, ndowooza bwe kyali, n'agamba…? Israeri baayagala beefuule ng'amawanga amalala. Ky'ekyo mmwe

Abapentekoote kye mujjako. Mwagala okweyisa ng'abantu abalala. Temuli kika ky'abantu abo. Mukibeere wala. Amakanisa amanene n'ebintu ebinene, Ggwe ow'oluganda, ekyo tokikola. Tubuulira okujja kwa Mukama kusembedde, leka tugende wansi eyo mu bisaawe tutegeeze abakaafiiri. Mulaba, tubeeko kye tukikolako.

70 Naye, mulaba, Samwiri yagamba nti, "Nnali ntutteko ku ssente zammwe omulundi gwonna okwebeezaawo?

Baagamba nti, "Nedda, Samwiri, ekyo tokikolangako."

N'agamba nti, "Nnali mbagambyeko ekintu kyonna mu Linnya lya Mukama wabula ekyo ekyatuukawo?"

Oh, ekyo kituufu, Samwiri. Tukkiriza oli nnabbi eyatumibwa okuva eri Katonda. Yee, ssebo. Buli kimu kye wagamba kyatuukirira, Samwiri. Wabula tukyagala mu buli ngeri." Mulaba ekyatuukawo. Ggwe ow'oluganda, Ekyawandiikibwa ky'eddiŋŋana bw'eddiŋŋanyi eno n'eri okuyita mu Kyawandiikibwa, kubanga y'engeri ya Katonda ey'okukikolamu, mulaba. Mulaba, okoona emirundi gino.

Leka tudde ku mutwe gwaffe mangu ddala. Kaakati, mbadde ekiseera kino kyonna nga sinnatuuka ku mutwe gwange.

71 Guli ku mutima gwange! Mbaagala! Temuzikirira na nsi! Bwe muba ba nsi, mujja kuzikirira n'ensi. Bwe muba ba Katonda, mujja kugenda Naye mu kuzuukira. Kale mukyuse obutonde bwammwe olwaleero okuva ku kwagala kw'ensi n'ebintu by'ensi, n'ebiyiiye bino byonna n'ebintu, mutunule butereevu eri Kalivaaliyo eri Ssaddaaka yammwe; mumusisinkanire awo, kubanga ekyo ky'ekifo kyokka ky'Ajja okukusisinkaniramu. Ye…

Abamesodisiti bagamba nti, "Kiri mu kkanisa yaffe"; Ababaputisiti boogera, n'Abapentekoote, na kino, n'Abapulesibeteriyani, na kino.

Naye Ye agamba nti, "Nja kubasisinkanira mu kifo kimu, ekifo mwe Ntuuza Erinnya Lyange." Weewo mu Yesu Kristo. Weewo Katonda w'Ateeka Erinnya Lye. Ekyo ky'Ekifo kyokka w'Ajja okukusisinkanira; era ye Kristo, ye Kigambo, omu jjo…Kikuze okuva ku bigere, ebisambi. Era kaakano kiri ku mutwe, nga kiteekateeka okugenda; Okurabisa Omugole mu kigera ekijjuvu, ky'ekimu ng'Omugole Kawasa.

72 Kaakano leka tugende ku mutwe gwaffe, mangu ddala, okumala eddakiika nga kkumi, era awo tujja kuggalawo. Kaakano omutwe gwaffe, ffenna tujja kwagala okugussaako omulaka. Kituuseewo era, ng'omutwe gwaffe, nga bulijjo bwe gutuusengawo.

Katonda Yatuma nnabbi We nga Ye… Ekigambo kye Yali Yasuubiza mu Malaki 3, "Omubaka gwe Nditutma mu maaso Gange," okuteekateeka okudda Kwe.

Kaakati ekyo bw'oba oyagala okukikakasa, okukitongoza, Matayo, essuula ya 11, ekakasa ky'ekimu. Awo abayigirizwa ba Yokaana bwe bajja ne balaba Yesu, baagamba nti, "Yokaana ali mu kkomera." Ne bagamba nti, "Tuzze okukusaba Ggwe oba ya…"

Eriiso lya Yokaana ery'empungu bwe lyali litunuddetunude. Era yali mu kkomera, yali ateekateeka kufa; n'agamba nti, "Mugende mumubuuze."

Mulaba, Yokaana n'agamba nti, "Oh, olugali Lwe luli mu mukono Gwe, Ajja kulongoosa nnyo egguuliro Lye." Yalowooza nti Emyaka Olukumi giyinza okutandikirawo awo, yalowooza empeke y'eŋŋano yali etuuse. Wabula yalina okufa egende mu kikolo ky'eŋŋano, ekomewo nate okukola Omugole omutuufu. Kale n'agamba nti, "Ajja kukuŋŋaanyiza eŋŋano Ye mu tterekero, era Ajja kwokya, omuliro" Mutunule oyo omuteesiteesi wa Kristo oyo mu mulembe ogwo, kiki kye yagamba ekijja okutuukawo. "Empeke…"

73 Era nsuubira temwebase. Empeke eri wano! Ejja kukuŋŋaanyizibwa mu tterekero. Ye yali Omugole oyo, ekitundu ky'ayo. Wabula kiki kye Yagamba ekijja okutuuka ku kikolo? Kijja kwokebwa n'omuliro ogutazikira. Munoonye obulokozi kaakano nga mukyayinza. Mubeere mpeke, si kikolo. Mulaba? Muyingire Obulamu, si engeri eri enkadde enfu; muyingire mu Bulamu bwa Kristo, Ekigambo nga kirabisiddwa, e…nga kirabisiddwa era nga kikakasiddwa kityo. Kino kyeki-kino ky'ekiseera ky'okukuŋŋaanya, ebikungula bijja. Kisingako oyingire mu mpeke, kubanga ekisusunku kigenda kusigala mabega.

74 Kaakati, tuzuula kiki ekyatuukawo, Yesu…Okumalayo okunokola kwange wano, eno Matayo 11. Ye… teyawa Yokaana…Yagamba nti, "Kaakano, mulindeeko nja kuwa Yokaana ekitabo ku ngeri y'okweyisaamu, Omukkiriza mu Kkomera." Nedda! Yagamba nti, "Muyimirire mulabe biki ebituukawo. Muddeyo mulage Yokaana biki ebituukawo: abalema batambula, abazibe balaba, abafu bazuukira, n'Enjiri ebuulirwa eri abaavu." Ddala ddala ekyo nnabbi kye yayogera ekijja okutuukawo. "Era muweereddwa omukisa mmwe abatansunguwalira Nze."

Era abayigirizwa be ne bambuka akasozi, Ye n'akyuka, n'Abuuza nti, "Kiki kye mwagenda okulaba bwe

mwagenda okulaba Yokaana? Mwagenda kulaba muntu ayambadde ezinekaanekanye n'ebirala, abo abakyusa ebitogi, ne bino byonna, nga bwe mumanyi? N'agamba nti, "Bali mu mbiri za bakabaka, banywegera bwana buto n'okuziika abafu, tamanyi ngeri yaakukwatamu kitala kya bwogi bubiri." Mulaba? N'agamba nti, Kiki kye mwagenda okulaba? O-olumuli olunyeenyezebwa empewo?" ("Owaaye Yokaana, nja kukuwa ensimbi eziwerako singa onajja wano." "Kale, Katonda Agulumizibwe, sikyali Mumesodisiti yadde, nja kubeera Mupentekoote, nja kubeera Mupulesibeteriyani, nja kubeera kino, kiri, kasita wabeera nga waliwo ssente eziwerako." N'agamba nti, "Temugendangako kulaba lumuli lunyeenyezebwa na mpewo," N'Abuuza nti, "Kiki kye mwagenda okulaba eyo, nnabbi?" Yagamba nti, "Yee, n'okusinga ku nnabbi."

75 Yokaana yali asasuddeyo ekisingayo okuba ekibi kye yali asobola eri Yesu. Yamanya nti ky'alina kujja bwe kityo. Yamubuuza amaze kumwanjula Ye n'alaba Akabonero ako waggulu We, n'agamba nti, "Ono ye Masiya," awo ate n'ajja n'abuuza nti, "Ye Ggwe Ye, oba tunoonyeeyo omulala?"

Wabula, labayo, Yesu olw'okumanya ekyo, Yakyuka n'amussaamu ekitiibwa, n'agamba nti, "Kiki kye wagenda okulaba, olumuli olwenyeenya olw'empewo?" N'agamba nti, "Tewabangawo muntu eyazaalibwa mukazi ow'amaanyi nga Yokaana, okutuusa olwaleero.' Ekyo bwe kiri! Nga kugulumizibwa okukuwa omuntu!

Naye, mulaba, kyali awo, obunnabbi bwali butuukiridde bulungi mu maaso gaabwe, n'omuteesiteesi ng'ajja, ddala ddala ekyo Malaki kye yagamba. Kaakano, eyo ye Malaki 3, si Malaki 4.

Yokaana Omubatiza yali Malaki 3, Yesu bwe Yagamba atyo. Bwe baamubuuza, nti, "Lwaki abawandiisi bagamba…" N'agamba nti, "Yajja dda. Baakola ekyo kye baagamba."

Naye, mujjukire, Malaki 4, amangu ddala oluvannyuma lwa nnabbi wa Malaki 4, okujja kwa Yokaana Omubatiza, oba e…Ogwa Eriya, okujja ogw'okutaano kwe kujja ng'abajulizi ababiri ab'okubikkulirwa, awo w'ajjira ku lw'Abayudaaya abaafikkawo. Wabula Katonda akozesezza Omwoyo ogwo gwe gumu emirundi etaano: ekisa, Yesu (J-e-s-u-s), abaddenga Yesu ekiseera kyonna, okukkiriza (f-a-i-t-h), ekisa (g-r-a-c-e) n'ebirala. Mulaba? Nnamba ttaano nnamba ya kisa era Yagikozesa. Tajja kukozesa ssatu, tajja kukozesa bbiri, ssatu, nnya. Emirundi giri etaano gy'agikozesa.

76 Kaakati, mwetegereze mangu nnyo kaakano, nga bwe tumaliriza. Yayogera nti, "Y'ono eyayogerwako, 'Ntuma Omubaka Wange mu maaso Gange.'"

Wabula mu Malaki 4, amangu ddala oluvannyuma lw'ekyo nnabbi awa obunnabbi, ensi yonna yaakwokebwa, n'abatukuvu batambulire ku vvu ly'ababi. Mulaba! Ddala ddala! Mulaba, obwo bwe bunnabbi bwa Malaki 4.

Era mwetegereze mu Lukka 17, awo we Yagambira nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, kijja kuba nga Sodoma ne Gomola nate." Mukifunye? Tulina Sodoma ne Ggomola nate? Amawanga gonna, gakitunuulira. Mulabeeyo kye yayogera ku Bungereza, kyonna kiwabiziddwa. N'emmere ewabiziddwa. Era mulabeeyo wano, kiki ssaayansi…Mulaba mu Reader's Digest, Nzikiriza gwe mwezi oguyise, baagamba nti, "Abalenzi abato n'abawala bayita mu myaka gyabwe egy'okuttulula wakati w'emyaka abiri n'abiri mu-etaano egy'obukulu." Nnabasisinkana mu lukuŋŋaana, abawala abato nga tebakyagenda mu nsonga, n'amakumi abiri, n'emyaka amakumi abiri mu ebiri egy'obukulu, nga tebakyagenda mu nsonga. Kiki ekikireese? Okuwabizibwa, okukola maleeto. Ekyo kye kyonoonye, ekintu kyonna kyonoonye omubiri. Teetulina kye tuli wabula akavuyo ka-ka…ng'ekimera ekya maleeto.

77 Ggwe twala ekimera ekyamaleeto okituuze awo, buli kiwuka kijja kukigendako. Wabula ekyannamaddala, ekimera kinnakabala, ekiwuka kijja kukibeera wala, tekisobola kukiyimirirako. Era ekyo kye kiri ku kkanisa, tukikozeemu maleeto.

Ky'ekyo ekyali ku mbalaasi enkadde eya Pearry Green, waggulu eyo, yasuula omulenzi oyo olunaku lwa luli, Terina ky'eri okuggyako okubeera embalaasi enkadde eya maleeto entolontosi y'emisinde. Mulaba? Ekintu kyokka kiri, ya…Eringa ennyumbu, eri-eri…ennyumbu temanyi ani taata oba maama waayo, Terina ky'emanyi; ekitundu kyayo nnyumbu ate era ekitundu kyayo ekirala ndogoyi; n'ekitundu kya kino n'endogoyi; temanyi kiki ky'ena… Tosobola…Ejja kulindirira obulamu bwayo bwonna okukusamba. Ekyo bwe kiri! Osobola okugiyita, n'ogamba nti, "Jjangu mulenzi. Jjangu mulenzi." Ejja kuyimusa amatu gaayo waggulu, era ekole nti, "Haw! Haw! Haw!" Mulaba?

78 Ng'abamu ku bano abagamba nti, "Ennaku ez'ebyamagero zaayita, Haw! Haw! Haw!" zino zimaleeto, balina kuba ba memba b'ekkanisa n'Abakristaayo. Ekyo sikyogera lwa kusaaga, wabula ge Mazima. Wabula owannamaddala, ow'olulyo lunnakabala, ow'oluganda, amanyi ani yali kitaawe, ani yali maama we, ani yali jjajja we omusajja, jjajja omukazi bwe yali, osobola okubaako ky'omusomesa abeera mukkakkamu.

Era Omukristaayo owannamaddala azaaliddwa Omwoyo Omutukuvu era ajjuziddwa n'amaanyi ga Katonda n'Ekigambo, amanyi kitaawe y'ani, maama we y'ani, jjajjja we omusajja y'ani, jjajja we omukazi

yali ani, amanyi byonna ebikikwatako. Osobola okubaako ky'omuyigiriza.

Naye kimaleeto, ky'ekyo ekijja eri amakanisa. Okutabiikiriza wakati w'ensi n'ebibiina by'eddiini, n'okussaawo Ekigambo ekitono mu kyo wano, Ekigambo ekitono awo, ekimala okulimba. Kituufu Bw'olaba Ekigambo kya Katonda ekyannamaddala nga kirabisiddwa nga Kayaafa n'abo bwe baakola, baakyuka okukivaako, tebamanyi. Maleeto!

79 Kaakati tukizuula, era mu bubaka buno, Isaaya 40:3 nayo ekakasa Yokaana. Yatuma eddoboozi ku nnabbi eyogerera waggulu mu lukoola nti, "Mulongoose oluguudo lwa Mukama, mutereeze amakubo Ge.'" Ekkanisa teyamukkiriza, kuba teyali wa kibinja kyabwe. Nnabbi oyo yakuzibwa mu ddungu, n'akula nga talina muntu yenna gw'amanyi. Yalina Omwoyo gwennyini ku ye ogwo Eriya gwe yalina: yali musajja wa mu ddungu, yakyawanga abakazi abagwenyufu.

Mujjukire engeri Eriya…Kiki ekyaleetera omutwe gwe okumuggibwako? Yali Yezebbeeri. Yezeberi ye yaleeta okufa kwe. Yamugobera mu lukoola.

Yokaana Omubatiza, omwagazi w'eddungu omulala, omuyizzi, munnakibira. Mutunule ye…Yali…teyalina buyigirize. Mulabe omutwe gwe egw'ekyokuyigako, teyali nga mukugu mu ddiini. Yagamba nti, "Mmwe omulembe gw'enjaba! Ekintu ekisembayo okuba ekibi ky'osobola okusanga mu lukoola, okusoobereza gwalinga musota. Era bakabona abo n'abayita nti, "Mmwe Omulembe gw'emisota! Ani abalabudde okudduka obusungu obugenda okujja? Totandika kugamba nti, 'Tuli ba kino, era tulina kino oba ekyo,' kuba mbagamba, Katonda asobola mu mayinja gano," eddungu. Era, "Embazzi" (Eyo gye yakozesa) "eteekeddwa ku mulandira gw'omuti; nabuli muti ogutabala bibala, gutemebwa okusuulibwa wansi, ne gusuulibwa mu muliro." Amiina.

80 Yali mubuulizi wa butonde. Omusajja ow'amaanyi owa Katonda, yabeerawo akaseera kampi, naye mazima yakoleeza ensi. Yennyamiza omulembe ogwo mu myezi egyo mukaaga egy'obuweereza bwe. Katonda yamulerera emyaka amakumi asatu, okumufunamu emyezi egyo omukaaga. Wabula Katonda Akola ngeri ye Ye, Amanyi amakungula Ge nga bwe gali.

Era tuzuula nti kaakano kye kino kyennyini ekyali kituusewo. Tebaamukkiriza, kubanga teyali omu ku bo. Tebaamukkiriza. Baakola nga bulijjo, tebaakiraba. Tebakkiriza Kigambo kya Katonda ekya Malaki 3, oba bandikirabye nga kitegeerekeka bulungi nti ono ye yali omuteesiteesi. Tebaalina nnabbi okumala emyaka ebikumi bina, era wano omu n'ayimukawo omulundi gumu. Mulaba? N'abantu, abakkiriza, baamukkiriza okubeera ekyo. Mulaba, tebaakikkiriza. Tebakkiriza, kubanga bwe baalaba ebbaluwa ng'ekakasibwa ddala, ekyo kye Yagamba ky'Ajja okukola, nabuli kimu, ne bakiraba bulungi nga kikakasibwa awo ng'Ekigambo bwe kyajjira ddala mu mazzi eri nnabbi. Ne bayimirira awo.

81 Waliwo bangi abawakana ku Kyawandiikibwa ekyo awo ekikwata ku Yokaana. Mulaba, Yokaana yagamba nti, "Nze eyeetaaga Ggwe okumbatiza, ate lwaki Ggwe Ozze gye ndi?"

Yesu Yagamba nti, "Kireke ekyo kibe kityo, kuba ekyo…wabula kitwetaagisa, ekyo kitugwanira (okwetaagisa) okutuukiriza. Kale, Yokaana, ggwe olw'okubeera nnabbi, omanyi ssaddaaka erina okunaazibwa nga tennayanjulwayo. Era Nze Ssaddaaka eyo, naawe oli nnabbi era ekyo okimanyi." Awo n'amuleka n'Amubatiza. Mulaba? Era yamanya nga yali yo.

82 Mulabeeyo, baamusekerera, ne bamuyita "ow'omu lukoola, aleekaana, omuzoole ataasoma," nga bulijjo, nnabbi oyo yateekateeka okujja kwa Yesu okwasooka.

Sigamba nti bali…tebalina okugeegeenya kwe kumu olwaleero okw'ekyannamaddala. Bwe kiri, bwe bali ddala. Naye, mujjukire, w'olabira ddoola enkyamu walina okubaawo entuufu okwo enkyamu kwe yava. Awo w'olabira oyo ageegeenya okuba Omukristaayo, walina okubaawo Omukristaayo owannamaddala awantu awamu; kubanga, singa si bwe kiri, oyo ye yandibadde nnakabala. Olina okutuuka ku kinnakabala. Wabula kebera ekyasooka, olabe oba nga kinnakabala kikwataganira ddala n'ekisuubizo. Bwe kiba, awo kikkirize: ekisuubizo ky'omulembe.

Awo obunnabbi bwa Yokaana bwakakasibwa mu nteekateeka ya Katonda. Ekigambo kyajja eri nnabbi ne kimukakasiza ddala ng'omuntu oyo.

83 Nate Yesu yayingiramu…okwawukanako ku kutegeera kwabwe okw'obunnabbi obwo. Tebaakitegeera bwe batyo. (Kaakati, tuli mukuserengeta ku nkomerero kaakano.) Naye okusinziira ku Kigambo kya nnabbi, kyatuukirizibwa ddala. Obunnabbi butuukiriziddwa; wabula engeri gye baalowoozaamu gye buyinza kutuukirizibwamu, teyali ngeri eyo. Kaakati, banditegedde batya era ne bamanya batya ekituufu oba ekikyamu? Okulaba oba nga kyakakasibwa Katonda, oba nga Yali Katonda nga y'Avvuunula ekyo kye Yayogera. Waali wabaddewo ba Yesu ab'obulimba abaali bayimuse, ne bakulembera omuntu…ekibinja ky'ebikumi bina, okugenda mu lukoola n'ebintu; wabula teyeekakasaako mu Kigambo, mulaba, nga bwe Yagamba.

84 Yesu, bwe Yajja, Yali wa kuba Nnabbi. Ekyo bwe kiri! N'olwaleero, nga Yesu tannakomawo nate,

okulabisibwa okujjuvu okwa Yesu Kristo kwe kulabisibwa mu mubiri. Mukirowoozeeko! Yesu Yagamba nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu, ng'omwana w'omuntu akakasiddwa." Kiki ekibikkuliddwa? "Ekizinguluddwa, ne kimanyisibwa." Ekyama kireeteddwa, kibikkuddwa. Mu lunaku Omwana w'omuntu mw'Alibikkulirwa, ensi ejja kuba mu mbeera ya Sodoma. Tukirina, tetukirina? Weewaawo! Bameka abakkiriza ekyo? Eri mu mbeera ya Sodoma. Ekyo kituufu ddala! Mulabeeyo wa w'etudde kaakano.

Mujjukire, bulijjo waliwo ebibinja by'abantu bisatu mu buli kibinja ky'abantu ky'okuŋŋaanya, nga abo be beefuula abakkiriza, abatakkiriza, n'abakkiriza. Tubalina mu buli kibinja. Babadde nabo ekiseera kyonna. Waaliwo Bannasodoma, waaliwo Ba Lutti, era waaliwo Ibulayimu.

85 Ibulayimu yayitibwayo mu kibinja, ekisooka teyali mu Sodoma. Kaakati tunuulira Obubaka bwabwe! Baalinga banoonya ensi ensuubize, nga baginoonyerezza emyaka egiwera. Katonda Yali Alaze Ibulayimu obubonero bungi obw'amaanyi n'ebyewuunyo, naye wano Katonda Yakka wansi Ye Mwennyini ng'omuntu

Mugamba nti, "Oyo Yali Malayika."

Ibulayimu yamuyita nti, "Mukama," Mu-ka-ma n'ennukuta ennene. Omusomi wa Baibuli yenna akimanyi nti ekyo Mu-ka-ma eky'ennukuta ennene ye Yakuwa eyeebeezaawo yekka (Elohim). "Ku Lubereberye Katonda," Mukama Katonda, Elohim, Oyo Eyeemala. Ibulayimu yamuyita nti, "Mukama Katonda, Elohim."

86 Kaakati mwetegereze, waaliwo abantu babiri abaaserengeta mu Sodoma n'obubaka, ne babuulira eri Abasodoma. Tebalinaako kye baakola kyonna, wabula baabaziba amaaso; nga ekyo, okubuulira Enjiri kuziba amaaso abatakkiriza.

Wabula mwetegereze kabonero ki ekibinja kya Ibulayimu kye kaafuna!

Kale, tuteekeddwa okubeera Ezzadde eddangira erya Ibulayimu, Isaaka ye yali ezzadde ery'omubiri. Wabula Ezzadde ery'okukkiriza, mu Kigambo ekyasuubizibwa, Ekigambo ekyasuubizibwa (Tokisubwa) eryo lye lyali ezzadde eddangira; Eryo lye lyali Ezzadde, okukkiriza kwa Ibulayimu. "Ffe okuba nga twafiira mu Kristo, tuli Zzadde lya Ibulayimu, abasikira awamu naye okusinziira ku kisuubizo."

Mwetegereze awo nga byonna bwe byali bigenda mu maaso, wansi mu Sodoma eyo waaliyo abaweereza babiri wansi eyo nga babuulira obubaka obw'amaanyi.

87 Waliwo Omu eyatuula waggulu wano n'ekibinja kya Ibulayimu oyo ateesiruwaza na kibinja ekyo wansi eyo. Kaakati mulabe Oyo eyasigala n'ekibinja kya Ibulayimu, kika ky'akabonero ki ke Yabawa. Yagamba… Kaakati, mujjukire, erinnya lye yali Ibulaamu ennaku entonotono ng'ekyo tekinnabaawo; ne Salaayi, si Saala (omumbejja). Era Omusajja ono, ng'Akubye ensiisira omugongo Gwe…

Abakazi ebiseera ebyo baali banjawulo okusinziira nga bwe bali kaakano. Abalina okufuluma baddukanye zi bizinensi za ba bbaabwe nabuli kimu ekirala, nga bwe mumanyi. Wabula ku olwo tebaakikolanga; baasigalanga waka.

Kale ba…Kale Malayika ng'atudde awo, Omubaka, n'Agamba nti, "Ibulayimu, mukyala wo ali wa (S-a-a-la) Sa-a-la?" Yandiritegedde Atya? Yalitegeera Atya?

Ibulayimu n'ayanukula nti, "Ali mu weema emabega Wo."

N'Addamu nti, "Ŋŋenda kukukyalira ggwe okusinziira ku kiseera kye nnakusuubiza." Ŋŋenda kukukyalira." Ne Saala n'abanga eyeesekerera.

88 Ng'omugongo gwe Agukubye eweema, Yagamba nti, "Lwaki Saala asese, ng'agamba nti, 'Ebintu bino biyinza kuba bitya?" Singa teyali mu Ibulayimu, omugole we ekiseera ekyo, Katonda Yandimusse. Kale naffe olwaleero twandifudde n'obutakkiriza bwaffe bwonna, singa tetubadde mu Kristo. Ekyo kitunywereza ddala awo, mulaba. Yali tayinza kulumya oba okutwala Saala ewatali kulumya Ibulayimu. Mulaba?

Kale nno mujjukire, Yesu Yagamba nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Tulaba, buli omu ajja kukkiriza, nti ensi eri mu mbeera ya Sodoma. Nnalondawo olupapula lw'amawulire olwa Los Angeles wano ebbanga ssi ddene, ne lugamba nti, ndowooza nti, "Okulya ebisiyaga kweyongera ku bitundu amakumi abiri oba asatu ku buli kikumi mu Los Angeles, buli mwaka nga kweyongera bwe kutyo." Ki…Oh, kyattabbu! Mu gavumenti yaffe nabuli wamu, buli kimu kifuuse ekiwabiziddwa. Bwe kiri! Ekintu kyonna, enkola yonna, ekkanisa nabuli kimu ekirala kiwabisiddwa. Kiri mu mulembe ogw'okuwabya.

89 Kaakati njagala mmwe abakugu mu magezi g'ekinnaddiini okubabuuzaayo ekintu kimu, ekya baganda bange. Si nti nkwogerako bubi, muganda wange omwagalwa; Ndi wano kukuyamba, ow'oluganda. Ndi wano okuyimirira ku ekyo Ekigambo kya Katonda kye kigamba nga ky'ekituufu, golola omukono gwo oggye

ekibiina ky'abantu kino mu kintu kino. Kituufu!

Naye mulabeeyo wano, tetubangako na mubaka wansi mu Sodoma ng'ekyo takinnabaawo ng'erinnya lye lisembyayo na a-h-a-m okutuusa kaakati. Tubadde ne Spurgeon,Wesley, Luther nabuli kimu ekirala, wabula tewabangawo mubaka wa nsi yonna ng'erinnya lye lisembyayo h-a-m. Ekyo bwe kiri! Mulaba, G-r-a-h-a-m, ennukuta mukaaga, G-r-a-h-a-m, Billy Graham; omubuulizi w'enjiri oyo omugundiivu, omulimu gwa Katonda ogw'amaanyi, omusajja atumiddwa okuva eri Katonda. Alina okuggibwako omusango okwo ddala, okutuusa bwe yanyeenya eggwanga lyonna nakwo, mulaba, bw'atyo. Teriiyo…

Mulabeeyo Oral Roberts eri ekibiina ky'eddiini ekya Pentekoote. Waali wabaddewo kko ddi ali ng'oyo?

Ennukuta mukaaga, si musanvu. Ibulayimu ye I-b-u-l-a-y-i-m-u (A-b-r-a-h-a-m), musanvu. Billy Graham ye G-r-a-h-a-m, mukaaga.

Kaakati mutunuulire ababaka. Mutunuulire ekiseera kye tulimu, tewabangawo kiseera mu byafaayo. Mutunuulire obubonero bwe bumu obwo bwe Yasuubiza bw'Ajja okuba ng'awa buli kibinja. Mutunule mulabe wa we buli. Bwe bumu, ddala, nga buteekeddwawo, nga butegekeddwa bulungi. Obutonde, ensi, buli kimu, nga butegekeddwa ddala olw'ekiseera.

90 Kaakati tokisubwa nga bwe tuyiisaayisa mu Byawandiikibwa ebirala. Mangu ddala kaakano, kubanga mbalwisizzaawo nnyo. Muyite…Mulabeeyo wano. Era okusinziira ku nnabbi, yajjira ddala eri Ekigambo, mu kiseera kyennyini.

Kaakati mutunuulire omulembe gwe tulimu kaakano. Tetuli ddala mu kiseera ekyo ekya Sodoma? Mulabeeyo Omubaka eri ekibinja kya Ibulayimu. Mulabeeyo ennamba, ennukuta, n'okubalibwa kw'erinnya lye. Ogamba nti, "Tewali kiri mu linnya." Toganya omuntu yenna okukugamba ekyo. Lwaki Yakyusa Erinnya lya Ibulaamu okufuuka Ibulayimu, Salaayi okufuuka Saala? Lwaki Yakyusa erinnya lya Peetero, n'abalala abo bonna? Mulaba? Mazima bwe kiri. Ddala ddala!

91 Eyo y'ensonga lwaki ŋŋamba tokikola, totuumanga mwana wo "Ricky,' oba "Elvis," oba ekintu ekimu. Elvis kitegeeza "cat," Ricky "mmese." Mulaba, bw'ogamba…Ekyo kituufu ddala. "Ago amannya oba ekintu ekimu, omwana wo togamuyitanga…abaana ekyo. Bwe liba lityo, abantu mulikyuse mangu. Temuli…Mmwe aba…bwe muba munzikiriza okubeera omuweereza wa Katonda, erinnya eryo tolikakaatika ku mwana oyo. Mulaba? Nedda, ssebo, muwe erinnya eddala ng'oggyeeko eryo. Abange! Ekyo nteekeddwa okukivaako, kuba nvudde ku ky'okuyigako kyange, wabula nkyogedde era kiwedde. Nze…Y'eyo engeri gy'okolamu, tomanyi ddi lw'okyogera. Mulaba?

92 Baamuyita, "Omugwira, eyeeraguza, setaani, Beeruzebuli," era ne bagamba nti, "Yeefuula Katonda." Oh, abange!

Isaaya nnabbi teyagamba nti, "Ajja kuyitibwa Katonda ow'amaanyi"? Isaaya 9:6, "Omwana atuzaaliddwa ffe, Omwana ow'obulenzi atuweereddwa ffe, n'okufuga kunaabanga ku kibegaabega Kye: n'Erinnya Lye liriyitibwa nti Wa kitalo, Ateesa ebigambo, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo." Ekyo kituufu! Era Omutukuvu Yokaana 1:1 nti, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigamba n'aba awali Katonda, era Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuulibwa omubiri n'abeerako gye tuli." Ekyo mukikkiriza? Teyali…Yali Nnabbi, wabula, wabula Yali asinga ku nnabbi; Yali Katonda-Nnabbi. Lwaki Yalina okujja?

93 Mujjukire, Ajjira mu mannya g'omwana asatu. Okusooka Yajjira mu linnya ly'Omwana w'omuntu. Teyeeyitangako "Mwana wa Katonda." Ekyo mukimanyi. Mulaba, Yajjira mu linnya ly'Omwana w'omuntu, Nnabbi. Yakuwa Mwennyini, Kitaffe, Yeremiya gwe yayita nti, "omwana w'omuntu"; nnabbi mwana wa muntu. Yajja…

Kaakati n'Ajja, oluvannyuma lw'Olunaku lwa Pentekoote, Yakomawo mu ngeri y'Omwoyo Omutukuvu, Omwoyo ogw'obwakatonda. Kaakati Ye Mwana wa Katonda.

Mu Bufuzi Obw'emyaka olukumi Ajja kuyitibwa Omwana wa Dawudi, ng'Atudde ku ntebe ya Dawudi. Mulaba, Ayingirawo…Ye Mwana wa Katonda, Omwana w'omuntu, Omwana wa Dawudi.

94 Oh, Baibuli ejjuddemu amayinja gano ag'omuwendo Tetusobola kugafuna gonna mu kiro kimu. Wabula gagyawo bugi okusobola okussaawo kino kaakano. Enkya luyinza obutakya. Tuyinza okuba nga tugenze ng'ekyo terunnaba. Nnyinza okuba nga mbuulira eri omuntu ajja okuba omufu nga tebunnakya. Nnyinza okuba nga ŋŋenze nga tebunnakya. Ow'oluganda, mwannyinaze, olwo si lufumo, ago mazima agaddala! Tetumanyi kiseera ki kye tugenda, era tojja kuba na kakisa konna ng'olussa lw'omukka olwo olusembayo lwabulidde omubiri gwo. Kitereeze kaakano, tolinda kutuusa kumankya, buyinza okuba nga buyise nnyo.

95 Mwetegereze kaakano, baali bamukoledde ddala, ekyo bannabbi kye baagamba nti kye bajja okumukola, nga bwe bamukoledde ddala mu lunaku luno mu mulembe gwa Lawodikiya. Bwe muba mwagala okitunulako, musome Okubikkulirwa 3, "Omuzibe, ali obwereere, so nga takimanyi. Ng'ayiwa

Kristo …" Bw'atandika okwebikkulira mu ngeri y'ensigo nate, y'Omu oyo eyagenda mu ttaka n'akomawo eri Omugole; Omugole n'Omusajja Kawasa, gwe mubiri gwe gumu n'omusaayi, obuweereza bwe bumu, ebintu by'ebimu, nga bakolera ddala nga bwe Yakola; Omwoyo.

Era wano bageegeenya era nga bakola buli kimu ekirala, era buli omu alina ekitabo kye ng'adduka na kino. Oh, towulirangako kukyamuukirira bwe kutyo. Era n'awunyiriza n'awunyiriza, "Mpunyiriza omuzimu kaakano." Bino byonna, ebyo, nga si byamu byawandiikibwa nga bwe kisobola okuba!

96 Era ekintu ekyannamaddala nga kigalamidde ddala awo mu maaso gaabwe, ne batambula okuvaawo anti, "Abo si ba kibiina kyaffe." Abange, abange, mulabeeyo, omuzibe okukulembera omuzibe. Bonna tebaagwe mu kinnya? Nga bazibiddwa amaaso n'obulombolombo bw'ebibiina by'eddiini, Baamufulumya amakanisa gaabwe nga Katonda bwe Yagamba nti bwe bajja okukolera ddala mu Kubikkulirwa 3, nga bulijjo, nga bwe kyalagulwa.

Mwetegereze engeri Yesu…gye Yeemanyisaamu eri abayigirizwa bano, kaakano, era awo tujja kumaliriza. Abayigirizwa bano ababiri, Kayaafa…Kulyoppa, manyanga, ne mukwano gwe. Kaakano, tuli mu mazuukira, amakya oluvannyuma lw'okuzuukira, okuzuukira okwasooka; ng'amakya amalungi. Yesu okuva mu bafu n'okubeera mu bantu Be. Nga kirowoozo kirungi!

Ali wano oyo omu olwaleero nga bwe Yabadde olunaku olwo, kubanga Y'omu jjo, leero, era olwa…Nga Yeebikkula okukirawo olwaleero okusinga bwe yali Yeebikkudde mu mulembe omulala gwonna okuva ku lunaku olwo; n'ayita mu ŋŋano n'ebikolo ssaako ebisusunku (byonna kaakati biyise kaakano), tuli mu ŋŋano nate. Mulaba, tuzzeeyo mu mpeke.

97 Amanyikiddwa nga…omanyi…Tunula engeri gye Yeemanyisaamu eri abantu bano, kaakano, mujjukire, nga Masiya waabwe (nga tetunnamaliriza) ow'Ekigambo ekyasuubizibwa eky'omulembe. Mwetegereze! Yalabikira, eri…Nga bw'Agambye bw'Ajja okukola, eri bannabbi. Mwetegereze "Abasirusiru, era abalwawo okutegeera mu mutima nti ebyo byonna ba bannabbi bye baamuwandiikako Ye byalina okutuukirira."

Mumutunuulire! Addamu n'Ajuliza eri Ekigambo kya Katonda, Teyavaayo buvi n'Abagamba nti, "Mummanyi? Nze Masiya Eyazuukira." Ekyo teyakyogerako. Mulaba, Yabawa buwi Byawandiikibwa; nga Yokaana bwe yakola, n'abalala ku bo. Mulaba? Yamala…ekyo bo balina okukyerondamu bo bennyini. Balina okweramulira bo bennyini. Kaakati, togenda kwebaka, weeramulire.

"Abasirusiru, abagayaavu mu mutima okukkiriza ebyo byonna bannabbi bye baayogera ebyalina okutuukirira." Nga kunenyezebwa eri abo abaagamba mbu bamumanyi Ye. Mulaba?

98 Mwetegereze engeri gye Yakikwatamu. Teyavaayo buvi, nga bwe nnayogedde eddakiika entonotono eziyise, n'agamba nti, "Kale, temukimanyi nga Nze Masiya wammwe ow'omulembe guno? Temukimanyi nti ye Nze Ye?" Omuweereza wa Katonda owannamaddala teyeeyoleka bw'atyo; Ekyawandiikibwa kyoleka ye y'ani. Mazima, Ajja. Naye n'Asikiriza ebiriwoozo byabwe eri ebyo bannabbi bye baali baayogera okunoonya mu mulembe gwa Masiya. Mukiraba? Muddeeyo emabega: "Abasirusiru, era abalwawo okutegeera mu mutima, obutakkiriza nti byonna bannabbi bye baayogera ku Masiya biteekeddwa okutuukirira."

Ye, nga Yokaana, yaleka Ekigambo kya Baibuli kimwoleka Ye, kiki kye Yali gye bali. Ekyo kiteekeddwa okuba nga kifuuliddwa okuba nga kitegeerekeka bulungi ekimala. Ekigambo bwe kiba nga kyali kimwoleka Ye, ekyo kiteekeddwa okuba nga y'Oyo ow'ekisuubizo gwe baali banoonya. Baamanya yali…omuntu omu yalina okujja mu kifo ekiseera ekyo.

Lwaki, Yagamba nti, "Kaakati leka Mbalage kiki Ekigambo kye kigamba ekiteekeddwa okutuukawo mu lunaku luno."

99 Si ye nze, olwaleero, agezaako okubagamba, Kigambo ku Kigambo (ne we ndi, ekifo, amannya, omuwendo, nabuli kimu kyonna, n'obubonero bwonna, ebiseera nabuli kimu), nti tuli ddala wano ku nkomerero? Mazima ddala musobola okulaba kye njogerako. Mulaba? Mutunule! Ekyo kitegeerekeka nnyo tekijja kwetaaga kwolekebwa kulala. Yayogera, bwe Yali wano ku nsi nti, "Munoonya mu Byawandiikibwa, mu Byo mulowooza mulina Obulamu Obutaggwaawo, Bye bikola ki…bye binjulira kiki kye Ndi," mulaba, "Kye Ndi."

Mwetegereze, Yatandika na nnabbi Musa nti, "Nnabbi…" Ekyamateeka 18:15, ntunuulidde Byawandiikibwa wano, Ekyamateeka 18:15, Musa yagamba nti, "Mukama Katonda wammwe…"

Mulaba, Katonda Yayogera naye ku ntikko y'olusozi. Era, oh, abange okubwatuka; baagamba nti, "Leka-leka Mukama…Leka Musa ayogere, si Katonda, si kulwa nga tuzikirira."

Yayogera nti, "Boogedde bulungi. Nja…Sijja kuddamu kwogera nabo bw'enti, wabula nja kubayimusiza nnabbi." Era obwo bwe bubadde obubaka Bwe wonna wonna. Ekyo kye kirina okukkakkanya ekintu kyonna ku nkomerero. Kirina okukikola, kubanga Ekigambo kya Mukama kizze eri nnabbi. Ky'ekintu kyokka

we kisobola okujja. Bwe kitajja, kimenya Ekigambo kya Katonda ne kimufuula okuba ng'Ayogera ekintu ekikyamu. Mulaba? Tekirigenda mu Seminaaliyo. Kigenda eri nnabbi. Era Nnabbi atumibwa kuva eri Katonda, ng'ayawuliddwa. Era y'engeri gy'okimanyamu, nga si muntu ky'ayogera…

100 Tubadde ne ba Eriya, n'amakooti, nabuli kimu kyonna, n'eminagiro, nabuli kika ky'ebitaliimu nsa, ne bigenda mu nkola y'ebibiina by'eddiini nabuli kimu kyonna.

Wabula wajja kujja ku nsi eno, olw'ekisuubizo kya Katonda, omuweereza wa Katonda owannamaddala, ng'ayolekeddwa Katonda (okuyita mu Kigambo Kye nga ky'ekyokuddamu ky'olunaku luno), ekyo kijja kutereeza Omugole (abatono ab'ekkanisa) kimutwale waggulu. Ekyo bwe kiri! Ajja kwanjula nti, "Laba, wuuyo gwe Nnayogerako, mulaba, Alijja."

Era byonna bannabbi bye baali bamwogeddeko Ye, ne ku lw'omulembe guno, lwaki mazima kyandibadde kisanyusa okumuwulira ng'Ayogera ekyo. Tewandiyagadde kuba ng'Omuwulira ekyo ng'Akyogera? "Bannabbi bonna baayogera ku…" Mujjukire, Yayogera ebyo bannabbi bye bajja okumwogerako Ye Mwene, nga Yeenokolako Ye Yennyini, Ekyo kye Yali Ayogedde (era ye yali Kigambo); ng'Anokola.

101 Kaakano leka tuwulirize Ebigambo ebyo bye Yanokola. Mwandyagadde okubiwulira ebyo bye Yabagamba? Leka tutwale emboozi yaabwe kaakano, nga tetunnamaliriza.

Kaakati, baali baategeezebwa mu bumpimpi ku binaabaawo ku by'okukomererwa, eby'emboozi ku ntaana ne ku malaalo, n'abakazi abaali bamulabye Ye, n'omulala n'agamba nti bamulabye, n'ebirala. Yayogera…Ba-bamutegeeza ku ekyo mu bumpimpi. Era n'Agenda mu maaso butereevu n'Ekigambo ku kikwata ku…nga Yeenokolera mu Kigambo:

"Kaakano mulabeeyo mu Zakkaliya 12." (Ateekeddwa okuba nga Yanokola Zakkaliya 11:12.) "Kuba Yatundibwa n'ebitundu bya ffeeza amakumi asatu. Masiya teyalina kutundibwa bitundu bya ffeeza amakumi asatu?

"Mu Zabbuli 41:9, Yaliibwamu olukwe mikwano Gye. Mulaba? "Zakkaliya 13:7, N'ayabulirwa abayigirizwa Be.

"Mu Zabbuli 35:11, n'alumirizibwa abajulizi ab'obulimba.

"Okuyita mu Isaaya 35:7, n'atabaako ky'Ayogera mu maaso g'abaamulumiriza, teyayasamya kamwa Ke." (Bwe kiri, ssebo.)

"Isaaya 50:6, Yakubibwa. "Zabbuli 22-22, Yakaabira ku musaalaba nti, 'Katonda Wange, kiki ekikundesezza?' 'Amagumba gange gonna gantunuulidde.' 'Baafumita emikono Gyange n'ebigere Byange."' (Mutunuulire obunnabbi bye Yayogerako!)

"Isaaya 9:6 nti, 'Omwana atuzaaliddwa ffe,' 'Embeerera eriba olubuto,'" n'ebirala.

"Era ne mu Zabbuli 22:18, ba-ba-baayabuluzaamu ebyambalo Bye mu bo.

"Mu Isaaya 7:14 nti, "Embeerera eriba olubuto."

"Zabbuli 22:78, oboolyawo…okusekererwa balabe Be (Ababe, abateekeddwa okuba mikwano Gye), Balabe Be, ekkanisa.

"Mu zabbuli 22 nate, Yali…tewaaliwo yadde eggumba ery'amenyebwa, naye baafumita emikono Gye n'Ebigere.

"Mu Isaaya 53:12, yafa n'ababbi.

"Mu Isaaya 53:9, yabetentebwa, n'aziikibwa n'ow'oluganda omugagga.

"Mu Zabbuli16:10, Yazuukira okuva mu bafu. Dawudi bwe yagamba atyo nti, "Siriganya mutuukirivu Wange okulaba okuvunda, wadde okuleka emmeeme Ye mu magombe.' Yazuukira okuva mu bafu.

"Malaki 3, Yokaana Omubatiza ye yateekateeka okujja Kwe."

N'ebifaananyi byonna by'Ayinza okuba nga yatuukako! N'eri Isaaka olw'okuba ekifaananyi Kye ku Lusozi…ku lusozi awo kitaawe Ibulayimu kwe yamutwalira, mu Lubereberye 22.

102 Kyali nti kaakano baatandika okulaba Ani yali atuukirizza Ebyawandiikibwa bino ebyasuubizibwa eby'olunaku olwo. Ku olwo bwe kyali, nga bumaze okuyita. Baatandika okulaba nti, "Oh! Kale, lindamu kko eddakiika! Mumanyi ki?" Ku olwo baamanya nga Mukwano gwabwe eyakomererwa, Yesu, ye yali Nnabbi oyo eyasuubizibwa. Baamanya kubanga…mulaba, baali tebategeezeddwako ku Byawandiikiwa.

"Wabula, wano, ebintu bino byonna ebiteekeddwa okutuukawo ku musaalaba, ebintu bino byonna.

Abasirusiru, abalwawo okutegeera ebyo byonna bannabbi bye baayogera; engeri Masiya oyo gy'Ajjamu n'okubonaabonamu, n'okuyingira mu kitiibwa Kye, n'Azuukira olunaku olw'okusatu."

Era bakyagenda nti, "Oh, weewawo. Ekyo bwe kiri. Njogera Ya-Ya…Emitima gyaffe tegyatutyemuse mu ffe?" bwe baayogera batyo. Tekyewuunyisa emitima gyabwe gyabatyemuka! Obunnabbi bwe Yali awa bwe bwatuukirizibwa.

103 Bwe baatandika okutegeera nti Mukwano gwabwe, Omusajja gwe baalyanga naye, gwe baayogeranga naye, gwe baakolagananga naye, gwe baavuba naye, gwe baagalamiranga naye mu bibira, nti ekyo kyatuukiriza buli Kigambo eky'essaawa eyasuubizibwa! Kyali awo. Baali batambudde mmayiro mukaaga, kyalabikanga ekiseera ekimpi ddala, bwe ndowooza, era baali bawulidde Enjiri ebuulirwa ey'essaawa omukaaga ku bunnabbi obwakakasibwa (empanvuko okusinga ku eyo gye tubaddeko nayo olwaleero, mulaba). Kaakano obudde bwali butandise okuyita nga kawungeezi, Ebitaala eby'akawungeezi byali bizze.

Ky'ekiseera ky'ekimu kaakati, kkanisa! Ebitaala by'akawungeezi bizze! Abaebbulaniya 13:8 nti, "Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," Oh, ebigenda bibaawo ng'obunnabbi bwabirambulula, ky'ekimu ne leero. Ekitangaala eky'akawungeezi ekyasuubizibwa nnabbi wa Katonda, mu Zakkaliya 14:7, leka nate kizibule amaaso g'abakkiriza abannamaddala eri abintu ebigenda mu maaso olwaleero, ebyo ebikakasiddwa obunnabbi nti tuli mu biseera bya nkomerero. Yesu Ajja.

Kyennyini…Ki…

104 Yagamba nti, "Wajja kubaawo olunaku olutaayitibwe kiro oba misana." N'agamba nti, "Naye waliba Omusana akawungeezi." Kaakati, tukimanyi mu bya gyogulaafiya, enjuba (sun) eviirayo Ebuvanjuba n'egwira Ebugwanjuba. Kaakati, nnabbi yagamba nti, "Wajja kubaawo ekiseera ekiwanvu ekijja okuba eky'ennaku, nga kiringa…nga teruyitibwa lunaku oba akawungeezi; nga kizikiza, olunaku olubi."

Kaakati, Omwana (son) we yaviirayo? Kiki…Oyo ye Yali O-mwa-na (s-o-n) gwe twogerako kaakano. Nti omwana ow'omubiri Yaviirayo Ebuvanjuba n'Awunzikira Ebugwanjuba. Katonda y'Omu ddala, y'omu… Enjuba, manyanga. N'Omwa-na wa Katonda ye Yasooka okugolokoka Ebuvanjuba, eri abantu b'Ebugwanjuba.

Era kaakano ng'Amaze okugenda, kiki kye baakola? Nga wayiseewo emyaka ebikumi bisatu, baatandika ekibiina kyabwe ekyasooka, Eklezia Enkatolika ey'Abarooma. Ne bagenda okuyita mu Mulembe gw'Ekizikiza, era ne bagufulumamu. Kiki kye bandikoze? Ekintu ky'ekimu. Lubadde lunaku lwa… Teruyitiddwa lunaku oba kiro. Baalina ebiragiro ebimala, okutuusa lwe bakkiriza anti Ye yali Omwana wa Katonda, ne batambulira mu musana ogwo gwe baalina, ne bakola amakanisa gaabwe ne bazimba amalwaliro n'amasomero n'ebirala, ne zi seminaaliyo, ne basindika abaana baabwe ku ssomero.

105 Naye nnabbi n'agamba nti, "Wajja kubaawo Omusana nate mu kaseera ak'akawungeezi. Omwana Ajja kulingiza nate, waliba Omusana." Kiki? Omwana y'Omu (s-o-n) eyabikkulibwa mu mubiri mu kiseera eky'okumakya, emabega eyo, kijja kubikkulibwa nate mu kiseera eky'akawungeezi.

Kaakati geraageranya Omutukuvu Lukka 17:30 nti, "Ne mu lunaku olwo, nga bwe kyali mu nnaku za Sodama, ng'ensi etegekebwa, mu kiseera Omwana w'omuntu ng'abikkuddwa."

Waliba Omusana mu kaseera k'akawungeezi,
Ekkubo ery'Ekitiibwa mazima ojja kulizuula.
Oh, abange! Abantu, tuli ku ki? Amawanga gamenyeka,
Israeri egolokoka,
Obubonero bannabbi bwe baalanga;
Ennaku z'Abamawanga mbale, n'ebinakuwaza

(Mulabe ng'akulukutira mu nnyanja!)

Mukomeewo, mmwe abaasaasaana, eri ewammwe.
Olunaku olw'obununuzi luli kumpi,
Emitima gy'abantu gityemusee olw'okutya;
Mujjuzibwe Omwoyo, muzigule ettabaaza zammwe,
Mutunule waggulu obununuzi bwammwe busembedde. (Musingako awo.)

Ow'oluganda, mwannyinaze, kiseera kya ntiisa. Mutunuulire ebintu ebyalagulwa, mulabeeyo ebintu ebituukawo. Mutunule obunnabbi bwonna nga butuukiriddwa, awo tulabe kiki kino kye kikwatako. Si kibinja ky'abazoole. Ye Katonda ng'Akakasiza ddala ddala Ebigambo Bye. Olwazi lwakubibwa, mikwano, mudduke gye luli mangu ddala nga bwe musobola. Obunnabbi bukakasa olunaku lwe tulimu.

106 Leka tukoteke emitwe. [Ow'oluganda ayogerera mu lulimi. Mwannyinaffe awa okuvvuunulwa. Ow'oluganda ku kituuti agamba nti, "Tusobola okutereeramu kko okumala akadakiika? Katonda Ayogedde gye tuli okuyita mu w'Oluganda Branham, n'okufukibwako kw'amafuta kuli ku w'Oluganda Branham, tannamaliriza. Era…" Ebbanga ejjereere ku lutambi -Omuk.]

Katonda Omwagalwa! Muzudde olunaku lwe tulimu, ba mikwano? Muneetantala okukaayana ne Katonda? Munaagamba nti, “Si mutuufu,” ng'Akikakasizza? Yevvuunulira Ye. Mmwagala okumuweereza? Kaakati nga mukotese emitwe gyammwe, n'emitima gyammwe nga mugikotese, ow'oluganda, mwannyinaze.

Kino kiyinza okuba nga ky'ekiseera kyaffe ekisembayo eky'olukuŋŋaana. Tuyinza obutaddamu…Singa mba wa kudda omwaka nga gumu okuva kati, bwe mba omulamu, wayinza okubaawo bangi abali wano kaakano abatajja kubaawo wano ku olwo. Era nja kuba nnina okukusisinkana awasalirwa Omusango nnyanukulire buli kintu kye njogedde olwaleero.

107 Mu maaso ga Katonda, ng'okyategeera bulungi, oyinza kaakano okukolera Katonda kino? Bw'omanya nti oli…weetunuulire mu ndabirwamu ya Katonda, Baibuli, sinsonga oli ani, n'ogamba nti, “Mmanyi mbulako kko okuba muwala wa Katonda, labayo bwe nkola. Mbulako kko okuba omutabani wa Katonda, labayo bwe nkola. Wabula, Katonda, ssaagaala kuba, nze-nze njagala okulafuubanira ekifo ekyo.” Njagala owanike omukono gwo eri Katonda, kyonna ky'oli, wonna w'oli mu kizimbe anti, “Yee, njagala okuba omutabani wa Katonda. Njagala okuba omuwala wa Katonda. Njagala okutuukiriza buli kimu Mukama wange ky'Alagidde.” Kaakano ggwe… Katonda Akuwe omukisa. Ndowooza kyenda ku buli kikumi eky'ekibiina.

Kaakati labayo wano, mukwano gwange. Watya nga wabeerawo mu nnaku ng'owulira Yokaana ng'abuulira? Watya nga wabeerawo mu nnaku Yesu ze Yali wano? Wanditutte ludda lwani? Singa wali mu nnaku za Yesu…Jjukira, singa Ya…Singa waliwo emabega eyo, kyandibadde nga bwe kiri kaakano. Yesu y'omu Yeemanyisa ye okuyita mu Kigambo Kye, mulaba, era si kya bulijjo ddala.

108 Wabula leka mbabuulire, sigezaako kugamba bantu okuva ku kkanisa oba…Abange, njagala mmwe mugende ku kkanisa anti, “Temulekangayo kukuŋŋaananga wamu.” Naye kiki kye ngezaako okubagamba okukola kwe kuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda. Ebintu bino bifune, ensi, ekkanisa…

Abapentekoote, bantu mmwe mufuuse ba nsi nnyo. Mufuuse abatambulira ennyo mu nsi. Kyangu, mmwe mweyongere okulaba Ttivi n'ebintu bino byonna, n'engeri gye bakolamu, na bino byonna, ekisooka kye muba mumanya…Seminaaliyo, amasomero gatandika okwekkiriranya wano na wali, na kino, ekyo, ne kiri, n'ekisooka ky'oba omanya…Kirina kujja bwe kityo. Ekkanisa y'Abapentekoote, y'ekyasinzeeyo obuwagizi gye ndi, sirina kye nnyinza kugyogerako. Wabula ky'ekyo kye nkaabira nti, “Baganda bange, mufulume!” Muyite…temulina nkuŋŋaana nga ze mwateranga okuba nazo. Abantu tebakyali nga bwe baateranga okuba. Wabula Yesu Kristo y'Omu, leka tutambule tuyingire mu Ye.

109 Kaakati, mmwe abawanise emikono gyammwe waggulu, mujjukire, waaliwo Olwazi olwakubibwa mu ddungu, era Ensulo eyo ekyali nzibukule n'ekiro ky'olwaleero. Olwazi lwabwe lukubiddwa, Kristo, Ye Lwazi olwo olwakubibwa.

Era olwaleero, okusinziira nga bwe mmanyi, ekkanisa eyinza okuba…Ekiseera eky'okuyita kiyinza okuba nga kimaze okuyitako, simanyi, ekyo siyinza kukyogera. Mujjukire, abantu baagenda mu maaso n'okuba n'enkuŋŋaana, mu ngeri y'emu, oluvannyuma lw'okukomererwa kwa Yesu. Era e…abantu bonna, ba-bajja kujja, ba…Mutunule! Ba-bajja kugenda mu maaso n'okubuulira, nga bagamba nti, “balokoka.” nabuli kintu, nga kiringa… “Ensi eyeeyongera okugenda mu maaso nga bwe yali,” nga bwe bagamba. Naye kijja kuba kikeerezi nnyo ku olwo.

110 Ng'olina akakisa, muganda wange: ng'okyalina akakisa, mwannyinaze; jjangu mu Bwakabaka bwa Katonda. Tolina kubuyingirira wansi w'ekintu ekirala kyonna wabula okukkiriza okulambulukufu okukkiriza Ekigambo Kye. Ye ye Kigambo ekyo! “Mukama Yesu, mmanyi, nneetunuulira kaakano mu ndabirwamu y'Ekigambo kya Katonda; oh, nga ndi mumpi. Wabula, Katonda omwagalwa, wano olwaleero, ku kiro kya Mande eno, wano mu San Bernardino, California, mu kizimbe kino wano ekinene, kye kino kye nnina, Mukama, wabula nja kukikuwa Ggwe. Onantwala nga bwendi, Mukama? Onanganya okuddukira eri omusaalaba amangu ddala? Ndaba n'ababaka. Ndaba ekiseera, ndaba okuyitibwa okuva mu Sodoma. Ndaba obubonero. Ndaba ekibinja kya Ibulayimu nga kifuna Omusana. Ndaba okulabisibwa, Yesu ng'Alabisibwa ddala nate mu ffe nga bwe kyali. Ndaba ebintu byonna bye Wasuubiza. Ndaba abageegeenya; Nkulaba Wagamba nti, 'Nga bwe kyali mu nnaku za Musa,' engeri bano ba Yane ne Yambere gye bagenda okukomawo okugeegeenya, era ne basigalira ddala mu kinnya ky'ekimu ekya kasasiro ekyo kye baalimu.”

111 Mulaba, tebaayinza kugoberera Musa okuyita mu Kigambo ekyo n'okuggya abaana abo awo okubatwala mu lukoola, kubanga baali bakwataganye ne Misiri. Tebaayinza kukikola, newankubadde nga baakola emirimu gye gimu gye Yakola. Wabula obusirusiru bwabwe bwalabisibwa. Era Baibuli egamba nti, kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA nti, “Kijja kuddamu kituukewo mu nnaku ez'oluvannyuma.”

Era mukirabe n'amaaso gammwe, bwe muba ab'omwoyo. Nze…Sisobola kukinnyonnyola. Tekinneetaagisa nze okukinnyonnyola. “Endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange.” Leka tugende gy'Ali kaakano, nga tukyalina akakisa. Munajja?

112 Bw'oba weetaaga okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, bw'oba weetaaga okuddamu okwewaayo, obulamu obuggya; musumba wo tajja kukuyisaamu maaso, ajja kukwagala olw'ekyo. Weeweereyo ddala eri Katonda olwaleero, nga tuli wano. Leka…kiri, mmanyi kibadde kizibu, nga kisala, nga si kya bulijjo, ekyo sikikola okuba eyeeyagaliza nzekka, ekyo nkikola kubeera omwesimbu. Nkikola ekyo kubanga mbaagala, njagala Katonda, era nkikola okugezaako okubayamba. Era mazima, mukwano, nze-nze nzikiriza…N'omutima gwange gwonna, n'okukkiriza kwange kwonna, nzikiriza nti Obubaka bwange buva eri Katonda. Ki-kikakasiddwa gy'oli okuyita mu myaka emingi.

Kaakati muwulirize, ekiro kya leero muweeyo buli kimu kye mulina, buli kimu kye mwetaaga. Nzikiriza, n'omutima ogw'amazima ogwewaddeyo, singa munaayimirira buyimirizi ku bigere byammwe, ne muwanika emikono gyammwe eri Katonda, ne mugamba nti, "Katonda Omwagalwa, nzuuno wano. Ntwala, Mukama. Sijja kuddamu kukozesa ndowooza yange n'okuvvuunula kwange nze. Ekigambo Kyo kigamba nteekeddwa okubeera 'omutukuvu, nteekeddwa okuzaalibwa ogw'okubiri, nteekeddwa okujjuzibwa n'Omwoyo, era awo Omwoyo gujja kunkulembera mu Mazima gonna.' Katonda, nzuuno, nkulembera." Ekyo onaakikola? Ekyo bw'okikola, wanika omukono gwo, ogambe nti, "Ndi mwetegefu ekyo okukikola, ndi mwetegefu."

113 Awo leka ffenna tuyimirire ku bigere byaffe.

Nze nga bwendi, awatali kye nsaba,
Okuggyako Omusaayi Gwo ogwayiika ku lwange,
Era nti Ggwe ompenyaako okujja gy'Oli,
Ayi Omwana gw'Endiga gwa Katonda (Omulyango gwa Katonda gwokka)…nzija!

Nze… Kaakati emirimu gyo gyonna, buli kimu ekirala, obukoowu bwo, buli kintu…Watya singa obadde ofa kaakati?

Nze nga bwendi, Ggwe Ojja kunsembeza,
Ojja kunnyaniriza, Onsonyiwe, Onnoongooge, Onsembeze;
Kubanga nze…

Munaawanika emikono gyammwe waggulu, ku lunyiriri luno kaakano?

Nsuubiza, nzikiriza,
Ayi Omwana gw'Endiga gwa Katonda, Nzija! Nzija!

114 Kaakati ng'omukubi w'ennaga bwe yeeyongera-okweyongera okuzannya, leka buli omu kuffe…

Abato abatiini, mwagala okugenda bwe muti ku luguudo, ekibinja kino ekyabakozi b'ebikolobero?

Mwannyinaze, oyagala okubeera n'enviiri ennyimpi, ng'ate kitiibwa kyo ekyokwewonga eri Katonda kwe kuba n'enviiri empanvu? "Kiswaza omukazi okusalako enviiri ze." Mwandiyambadde zi sikaati enkadde n'ebintu bye bambala olwaleero, eby'obuteeteeyi buno obw'ekigwenyufu, nga n'emibiri gyammwe girabika okuyita mu bwo, eyo ku nguudo? Mubadde mukimanyi nti buli musajja abatunulako aba ayenze nammwe mu mutima gwe? Ne mweyoleka bwe mutyo. Mukimanyi, abakazi, mmwe abeebbyula, waliwo omukazi omu yekka mu Baibuli eyali yebbyudde? Era Katonda n'Amuliisa embwa. Yezebbeeri, erinnya eryakyayibwa okuva mu biseera bye, olw'ebikolwa bye olw'ekyo. Mumanyi nga Eriya nnabbi eyakolimira ekyo n'amuyita okukivaamu? Mukimanyi nga yali Kerodiya oyo Yokaana Omubatiza gwe yakolokota. Mumanyi…Temwagala kuba kintu ekyo ekya Hollywood eky'ensi. "Bwe mwagala ensi oba ebintu by'ensi, okwagala kwa Katonda nga tekuli mu mmwe."

115 Ow'oluganda, omuweereza mukwano, tewali…Bambi ntegeera, ndi muganda wo. Oyogala okwekwataganya, nammwe ba memba b'ekkanisa emu (Abamesodisiti, Ababaputisiti, oba kyonna kye muyinza okuba), oyagala kwenywereza ku kibiina kya ddiini ekyo kubanga maama wo ne jjajja wo omukazi ekyo baakinywererako? Alina kye yavaamu okujja mu ekyo, ogwo gwe gwali Omusana gw'olunaku olwo; ogwo, nga mu biseera bya Nuuwa. Luno lunaku lulala.

Ogamba nti, "Kale, nnalina e…

Luno si lunaku lwa Pentekoote. Omulembe gwa Pentekoote gwayita. Pentekoote yayita, kino kiseera ky'amakungula. Mulaba? N'ekiseera ky'amakungula, empeke; amazzi gamaze okuyiibwayo, empeke eri mukwengera. Yingira mu mpeke, muganda wange omwagalwa. Mpuliriza, nzikiriza, bw'onzikiriza okuba omuweereza wa Katonda, leka buli omu, mu ngeri yaffe, tukoteke emitwe gyaffe mu bwetoowaze tuweeyo essaala ffe-gye tumanyi gye tuteekeddwa okuwaayo nti, "Katonda, Ntwala nga bwendi."

Era ow'oluganda, mwannyinaze, nneeteeka ku woolutaali olwaleero, nange: Katonda, mmumba era Nfuula ow'enjawulo. Baako ky'Okola, Katonda, Nkola mu ngeri yo.

Mulowooza kyangu okuyimirira wano n'osala abantu obufiififi bw'otyo? Kintu kizibu okukola. Wabula zinsanze bwe sikikola.

116 Katonda Omwagalwa, ng'ekibiina bwe kikoteka emitwe gyabwe n'emitima, mu kiseera kino wano eky'obuwombeefu eky'okumaliriza okuyigiriza kwa Baibuli kuno; bwe tulabye okukakasibwa kw'Omwoyo

Omutukuvu okunyeenyezza eggwanga lino eno n'eri, n'eno n'eri, okudda obuggya okw'amaanyi n'ebirala, nga tumanyi nti waliwo ekirina okugoberera ekyo. Awo nno ne tulaba Bamalayika abo omusanvu nga bakka wansi awo ku ntikko y'olusozi olwo waggulu mu Arizona, awo nga n'obutabo bw'amawulire obwa magazine okwetooloola eggwanga bwakirina. Okulaba Yesu Mwennyini eyo mu bwengula, ng'Atunula wansi, ng'Agamba nti, "Mu Kubikkulirwa 10:7, mu Bubaka bwa malayika ow'omusanvu, Envumbo zino zijja kubembulwa, Ebyama bya Katonda bijja kuba bimanyisiddwa," nti abaddaabuluzi tebaaberawo bbanga ddene limala oku-okubifulumya. Era wano, Envumbo zino Omusanvu ezaateeka envumbo ku kintu kyonna zaakubembulwa mu lunaku luno. Okulaba obubonero buno bwonna obw'amaanyi n'ebyewuunyo ebikoleddwa, ne bikakasibwa, ne biragulwa nga tebinnabaawo, era tewali mulundi yadde ogumu gw'Otuyiye, naye Okituukiriza nga bwe kyayogerwa.

117 Katonda Omwagalwa, tukizuula nti Yesu Kristo Ali mu masekkati gaffe. Tukimanyi nti Ali wano. Ali wano ekiro kya leero, Katonda Atalabika Ali wano naffe, era Asobola okukakasa buli kisuubizo kye Yakola mu Kigambo Kye. Engeri gy'Oyimiriddemu n'okakasa gye bali, nga bakubyeyo n'emigongo, mu ntandikwa eyasookera ddala ng'abageegeenya tebannayingira ddwaniro, Mukama, oba okuyingira mu mbiro, nga bwe kyali. Walaga era n'Okakasa, n'olagula era n'oyogerera ddala engeri gye kijja okutuukawo, era tulaba nga kyatuukawo mu ngeri eyo. Era Kitaffe Katonda, tukimanyi tasobola kubeera muntu, alina kuba Katonda. Kale tukimanyi nti Oli wano olwaleero. Tusonyiwe ebibi byaffe.

Katonda Omwagalwa, owonyezza ebirwadde byaffe, kaakano tusonyiwe ebibi byaffe, Mukama, olw'obutaba kika eky'Abakristaayo kye tuteekeddwa okuba, obuta…Okwatula okubeera omusajja oba omukazi owa Full-Gospel ate wano nga twezuula nga tudobonkana ng'akakoko k'ekibiina ky'eddiini. Tuyambe, Katonda Omwagalwa, Tutwale Otunyeenye n'Omwoyo Wo Omutukuvu. Era bwe wabaawo ekintu kyonna mu ffe ekitalinga Ggwe, kituggyeemu, Mukama. Era Osimbe ebigere byaffe ku Kigambo kya Katonda Ekitukuvu, era Oganye Omwoyo Omutukuvu Ayake wansi mu mitima gyaffe era Aggyewo kazambi w'obutakkiriza n'okubongoota okw'olunaku luno; oh, tugolokoke twenyeenye. Kikkirize, Katonda. Tulongoose! Tubumbe! Tukole ffe! Katonda, kikkirize.

118 Bwe wabaawo omuntu yenna munda wano olwaleero, Mukama, abanywerezza mu mitima gyabwe empeke eyo, entabaaluganda ya Katonda eyayawulibwa eri Obulamu okuva ku misingi gy'ensi; Mmanyi, Mukama, ekyo balina okukiwulira ku ssaawa eno. Kale, nsaba, Katonda, nti Ojja kujjuza emmeeme zaabwe Ozaakoleeze buto n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, obasindike mu kkubo lyabwe, nga bajaganya era nga basanyufu.

Mukama Katonda, ba…Mbakuwa Ggwe. Simanyi be b'ani, Ggwe Omanyi. Nze nvunaanyizibwa ku kubuulira Kigambo Kyo, Mukama, nga bw'okibikkula. Ovunaanyizibwa ku birala: awo Ensigo w'egwa. Nze nsuula nsuule. Mukama Katonda, nsaba nti ejja kugwa mu ttaka eddungi, eggimu olwaleero. Nti bangi bajja kugiraba, Mukama, bagolokoke okuba Abakristaayo abaaka mu nnaku zino ez'oluvannyuma, nti ekintu eky'amaanyi kye tutunuulidde okujja, kijja kujja mangu ddala. Kikkirize, Mukama. Era Ojja kukiraba kyonna nga kiri mu nteekateeka ennungi. Jjangu, Mukama Yesu. Byonna tubiteeka gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'ebinaavaamu. Amiina.

Mmwagala Ye, Mmwagala Ye
Kubanga ye Yasooka okunjagala
N'Angulira Obulokozi bwange
E Kalivaaliyo…

119 Mumwagala Ye? Kale, awo mulina okwagalana. Musikeŋŋane mu mikono nga bwe mukiyimba nate:

Mmwagala Ye, Mmwagala Ye
Kubanga ye Yasooka okunjagala
N'Angulira Obulokozi bwange e…

Kaakati leka tumuwe amatendo Ye. Bameka abamanyi oluyimba luno:

Nnaamutenda, Nnaamutenda,
Okutendereza Omwana gw'Endiga ogwattibwa olw'aboonoonyi;
Mumuwe ekitiibwa mmwe mwenna abantu,
Kuba Omusaayi Gwe gunaazizzaako buli bbala.

Leka tukiyimbe kaakano;

Nnaamutenda, Nnaamutenda,
Okutendereza Omwana gw'Endiga ogwattibwa olw'aboonoonyi;
Mumuwe ekitiibwa mmwe mwenna abantu,
Kuba Omusaayi Gwe gunaazizzaako buli bbala.

Temuwulira nga mwenna muggiddwako obukyafu?Muwanike emikono gyammwe mugambe nti, "Oh, ekyo kindeetera okuwulira obulungi." Ow'oluganda, njagala ezo ennyimba ez'ebiseera eby'edda. Ggwe tozaagala? Zigendera ddala wansi ku ntobo y'omutima.

Nnaamutenda, Nnaamutenda,

Okutendereza Omwana gw'Endiga ogwattibwa olw'aboonoonyi;
Mumuwe ekitiibwa mmwe mwenna abantu,
Kuba Omusaayi Gwe gunaazizzaako buli bbala.

120 Leka tuwanike emikono gyaffe kaakano tutendereze Katonda, buli omu ku ffe, mu ngeri yaffe.

Mukama Yesu, tukubweza Ggwe. Tukutendereza Ggwe, Mukama. Tukuwa amatendo Ggwe olw'abantu abaayitibwayo, okuva e Babulooni. Tukwebaza Ggwe olw'Omusaayi gw'Omwana Wo, Yesu Kristo. Tukwebaza Ggwe kubanga Atuloogoosa eddakiika eno. Ffe tu…Tusaba okusonyiyibwa olw'okusobya kwaffe, obusirusiru bwaffe, Mukama, okwesittala kwaffe mu kizikiza. Ayi Katonda, leka tugolokoke twake, era tutambulire mu Musana ogw'akawungeezi, era tubeere ebibala by'omuti ogukula n'Omusana ogw'akawungeezi. Kikkirize, Katonda Omwagalwa. Twewongayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo.

Kaakati, nga mukotese emitwe gyammwe, nzizaayo olukuŋŋaana eri abasumba.

www.messagehub.info

Byabuulirwa
William Marrion Branham
"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7